

## Endagiro y'Omukulembeze

Oyanirizibwa mu Ennaku Ekkumi ez'Okusaba! Tukkiriza nti okusaba ly'ezzaaliro ly'okuzzibwa obuggya. Katonda akoze eby'amagero bingi okuyita mu myaka egiyise wakati mu mbeera yaffe ey'okumunonyeza awamu mu kusaba n'okusiiiba. Omwoyo Omutukuvu aleetedde bangi okukyusibwa, okuddamu ebbugumu ly'okubuulira enjiri, amakanisa okudda obuggya, wamu n'enkolagana z'abantu okudda mu nteeko.

Eddobozi lya Katonda obadde oliwulira nga likuyita okuddizibwa obuggya? Bayibuli efumbekeddemu ebisuubizo byo:

“Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetoowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi, kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe” (2 Ebyomumirembe 7”14).

“Era mulinnoonya ne mundaba, bwe mulinkenneenya n'omutima gwammwe gwonna” (Yeremiya 29:13).

“Awo olulituuka buli alisaba erinnya lya Mukama alirokoka” (Yoweeri 3:32).

“Musembererenga Katonda, naye anaabasembereranga mmwe” (Yakobo 4:8).

“Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddobozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange” (Okubikkulirwa 3:20).

Wonna w'oli mu bulamu obwa kaco kano, kimanye nti Katonda alusemberedde nnyo okusinga bw'okirowooza. Ayagala okutuusa emikisa ku maka go, ku kkanisa yo mw'osinziza, mu kitundu gy'oopera, wamu ne mu nsi yo.

## Emiramwa Egibeera mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba

### Endagiro z'Essaala eza Buli Lunaku

Tutegeese endagiro y'essaala eya buli lunaku olugwa mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba, era nga buli ndagiro erimu Ekyawandiikibwa okuva mu Bayibuli, eky'okuyiga ky'akasisimuka, okusaba okw'Ebyawandiikibwa, ensonga ez'okusabirako, n'ennyimba ezitambulira ku mulamwa. Tubakubiriza okwetwalira endagiro eza buli lunaku okusobozesa buli eyetabye mu nteekateeka okugoberera obulungi ebigenda mu maaso mu kiseera ky'okusaba.

Amakanisa okwetoloola ensi yonna gajja kwegattira wamu mu kusabira omulamwa ogwa buli lunaku. Kya nsonga nnyo okubegattako nga oyita mu nnyiriri wamu n'ensonga ez'okusabirako, naye tolowooza nti oteekeddwa okuyita mu lukalala lwonna olw'ensonga ez'okusabirako. Kiyinza okubetaagisa okweyawulamu mu bubinja, bwebutyo bugabanyizibweemu ensonga zammwe ez'okusabirako.

Twagasseemu n'ekiwandiiko ekiyitibwa Eby'okusabira eby'Ekkanisa mu Nsi Yonna. Kikulu nnyo okubeera nga tusabira wamu ku lw'amaka gaffe ag'ekkanisa mu nsi yonna, wabula oyinza okwetaagayo ku budde obulala obw'okusabira obwetaavu bw'omu kitundu kasita ekibinja kyo kibeeramu abagenyi ab'okumuliraano. Sabira engeri esingako obungi gye muyinza okwanirizaamu abagenyi n'okubaleetera okuwulira nga bali kitundu ku kibinja kyammwe.

## **Ensengeka y'Ebiseera mu Kitundu eky'Okusaba**

Ekiseera ky'okusaba kisaana okubeera nga kimpi ekimala olw'okusobozesa ekibinja okuteeka essira ku kusaba kwennyini. Obudde obunaamalibwa ku buli kitundu bujja kubeera bwa njawulo.

Endagiri eno wammanga ekola nga kirowoozo bulowoozo:

**Okwaniriza n'okweyanjula:** Eddakiika 2 – 5

**Ekyawandiikibwa (mu ndagiri ey'olunaku):** Eddakiika 5

**Okusaba okuyita mu Byawandiikibwa "Okusaba kw'Ekigambo kya Katonda" (mu ndagiri ey'olunaku):** Eddakiika 10 – 15

**Okusabira ebimu ku biri mu "Ensonga Endala ez'Okusabirako" (mu ndagiri ey'olunaku):** Eddakiika 20 – 30

**Okwanukula mu luyimba ne mu kutendereza:** Eddakiika 5 – 10

## **Okusabira Abantu Abalala**

Kubiriza buli muntu okusabira abantu abalala bataano oba musanvu obutaddiriza, nga beebo Katonda baatadde mu bulamu bwabwe. Basobola okubeera ab'ejjaanda, ab'emikwano, bakozi banno, baliraanwa, oba be tumanyiganye nabo. Abantu bakubirizibwe okwegayirira Omwoyo Omutukuvu okubawa okulujjamizibwa mu kulonda amannya n'okulambula ku bantu bano mu nnaku zino ekkumi. Muyinza okwagala okugaba obukonge oba obupapula okusobola okuwandiikibwa amannya g'abantu be bagenda okusabiranga.

## **Obuweereza bwa Ssabiiti mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba**

Mubeereeko n'okusaba okw'enjawulo okusimbibwaako essira wamu n'okugabana obujulirwa obw'essaala ezaanukuddwa mu kiseera ky'obuweereza bw'ekkanisa nga bugenda mu maaso ku Ssabiiti. Ka wabeerewo obuyiyya - waliwo engeri nnyingi nnyo ez'okugabanamu obujulirwa n'ekkanisa ku ebyo ebibeera bigenda mu maaso mu nkujjaana z'okusaba okwa buli lunaku.

## **Okujaguza okwa Ssabiiti Esembayo**

Olunaku luno lulina okutegekebwa nga ekiseera eky'okujaguza okw'amaanyi olw'ebyo byonna Katonda by'anabeera akoze okuyita mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba. Mubeere n'obudde obumala nga bwa kuwaayo bujulirwa eri essaala ezaanukulibwa, okuyigiriza kwa Bayibuli ku kusaba, n'okuyimba. Ekibiina kyonna kirina okukulemberwa mu kiseera eky'okusaba olw'okusobozesa bonna abatabadde mu nkujjaana za buli lunaku okugabana ku ssanyu ly'okusaba n'abalala. Ebirowooza ebirala ku nsonga eno biri mu katabo ka Ssabiiti ey'Okujaguza.

## **Ebiddirira Oluvannyuma lw'Ennaku Ekkumi ez'Okusaba**

Musabire engeri Katonda gy'ayagalamu ekkansa/ekibinja kyammwe okugenda mu maaso n'ekyo ky'Atandise mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba. Osanga mujja kweyongerayo n'enteekateeka y'okusaba kwa wiiki. Oba oli awo, Katonda ayagala mutandikewo obuweereza obuggya mu kkanisa yammwe nandi ki, okufuluma okuweereza abantu abali mu kitundu. Mubeere beteefuteefu okulaga Katonda gy'ayagala mugende, kubanga eky'amazima wajja kubanyusa ekyenkanidde awo. Ekiwandiiko ekiriko omutwe gwa "Okusomoozebwa kw'Obuweereza bw'Okufuluma" kijjuddemu ebirowoozo by'obuweereza.

## **Obujulirwa**

Mugabane embooji zammwe ku ngeri Katonda gy'akozeemu okuyita mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba! Embooji zammwe zijja kuzzaamu abantu bangi amaanyi. Obujulirwa busobola okuweerezebwa ku mutibagano gwa [www.tendayssofprayer.org](http://www.tendayssofprayer.org).

## **Ebikulu mu Kusabira Awamu**

### **Okukkaanya**

Omuntu bw'awaayo okusaba kwe eri Katonda, kakasa nti waliwo abalala abasabira ensonga eyo y'emu era mukkaanye – kino kya maanyi nnyo! Tolowooza nti olw'okubanga waliwo omuntu asabidde ensonga emu, mbu tekyetaagisa balala kugisabira. "Nate mbagamba nti Oba bannammwe babiri bwe beetabanga ku nsi buli kigambo kyonna kye balisaba, kiribakolerwa Kitange ali mu ggulu" (Matayo 18:19). Nga kizzaamu nnyo amaanyi olw'okusitulibwa mu kusaba!

### **Okukaayanira Ebisuubizo bya Katonda**

Ekibinja kisaana okukubirizibwa okukaayanira ebisuubizo bya Katonda nga basaba, kubanga kyangu nnyo okuteeka eesira ku bizibu byaffe. Wabula bwe tukaayanira ebisuubizo bya Katonda, okukkiriza kwaffe kweyongerera ddala era ne tujjukizibwa nti tewali kirema Mukama. Ebisuubizo bituyamba nnyo mu kuggya amaaso gaffe ku bunafu n'obuzibu n'okugazza ku Yesu. Eri buli bunafu na buli kutawankana, Bayibuli etutuusaako ebisuubizo bye tugwanidde okukaayanira. Abantu basaanye okukubirizibwa okunoonya ebisuubizo ebirala wamu n'okubiwandiika olw'okusobola okubikaayanira mu biseera eby'omu maaso.

### **Okusiiba**

Ka wabeerewo enteekateeka y'ekika ekimu eky'okusiiba mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba eri abo abayitiddwa okuzetabamu. Ebimu ku bika by'okusiiba mwemuli okusiiba TV, ennyimba ezitali za ddiini, entambi z'ebifaananyi, omutimbagano, ebiwoomerera, oba ebika ebimu eby'emmere ebizibu okusa. Obudde obwo busaana okukozesebwa mu kusaba n'okuyiga Bayibuli, okwegayiria Katonda okukuyamba wamu n'ekibiina kyonna okusobola okubeera

mu Kristo mu bujjuvu. Bwe tulya ebintu ebyangu, tuganya ebirowoozo byaffe okwanguyirwa okuwulira eddoozi lya Mwoyo Omutukuvu.

### **Omwoyo Omutukuvu**

Kakasa nti osaba Omwoyo Omutukuvu okukulaga eky'okusabira eri omuntu omu oba embeera emu. Bayibuli etutegeeza nti tetumanyi kya kusabira era nti Omwoyo Omutukuvu y'atuwolereza n'okusinda okutayogerekeka (Abaluumi 8:26, 27).

“Tetulina kusabira mu linnya lya Kristo lyokka, wabula n'olwokulunganyama kwa Mwoyo Omutukuvu. Kino kiggyayo bulungi kyeyali ategeeza bwe yagamba nti Omwoyo 'atuwolereza n'okusinda okutayogerekeka.' (Abaluumi 8:26). Katonda asanyukira nnyo okwanukulira essaala ey'ekika nga ekyo. Bwe tuwaayo okusaba kwaffe n'okunyiikira n'obutakoowa mu linnya lya Kristo, mu maanyi ago mwemuli obweyamo bwennyini okuva ewa Katonda nti anaatera okwanukula essaala yaffe 'okusingira ddala byonna bye tusaba oba bye tulowooza' (Abafeeso 3:20)” (*Christ's Object Lessons*, p.147)

### **Enkulukuunyo**

Okubeera n'enkulukuunyo y'essaala mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba kiyamba nnyo eri abakunjaanye mu kulaba nga bannyikira mu mulamwa gw'essaala ogwa buli lunaku, okukola obweyamo obwa nnamaddala eri Katonda, wamu n'okussa ekitiibwa mu mikisa Gye. Okuwandiika essaala zaffe wamu n'okukuumira okwanukula kwa Katonda mu nkulukuunyo ly'erimu ku makubo agakakasiddwa mu kuzzaamu amaanyi.

Bwe mubeera mwagadde, musobola okuwaayo obudde mu kiseera ky'okusaba eri abantu okusobola okuwandiika okwanukula kwabwe eri Katonda mu nkulukuunyo z'essaala zaabwe ez'ekyaama. Oba, musobola okukuumira enkulukuunyo y'ebyokusabira eby'ekibinja wamu n'okwanukulibwa kwabyo – nga biri mu katabo, oba ku kipande, oba ku mutimbagano. Kino kisanyusa nnyo era kizimba n'okukkiriza bwe tutunula gye tubeera tuvudde n'engeri Katonda gy'ayanukulamu essaala zaffe!

### **Okwewonga**

Walina okubeerawo okukubirizibwa kw'abantu okutambulira mu bulamu obw'okwewonga. Tuli mu kusemberera nnamulondo ya Kabaka w'obwengula bwonna. Tetusaanye kutwala kiseera kino kya kusaba nga eky'okunaanya mu nneeyisa n'obugeri bwaffe obwa bulijjo. Wabula, kino tekitegeeza nti omuntu asana kufukamira buli kiseera, wabula abantu basaana okweyisa mu ngeri gye bayinza okuwuliriramu obulungi nga bali mu maaso ga Katonda okusinziira nga bw'abeera abalungamizza.

### **Essaala Ennyimpi Ddala**

Essaala zirina okubeera nga nnyimpi ate nga zituukira ku nsonga, kubanga bangi bafuna omukisa nabo okusaba. Mufube okulaba nga essaala zammwe zifuunzibwa mu bigambo

ebitono nga bwe kisoboka, era omuntu asobola okuddamu okusaba emirundi n'emirundi kasita kiba nti kikolebwa mu mwetooloo. Essaala ez'ekika kino zinyumisa nnyo ekiseera ky'okusaba wamu n'okuganya Omwoyo Omutukuvu okusobozesa abantu okuwaayo essaala zaabwe mu ngeri ez'enjawulo. Tolina kuggulawo na kuggalawo buli ssaala ennyimpi nga okozesa ebighambo nti "Ayi Katonda" ne "Amiina." Essaala esigala nga mboozzi etakoma wakati wammwe ne Katonda.

### **Akasiriikiriro**

Nga omukulembeze, tolina kwefuga kiseera kyonna eky'okusaba, kubanga ekigendererwa kya buli omu okufuna omukisa gw'okusaba. Obudde obw'akasiriikiriro bunyuma nnyo kubanga buwa Katonda ebbanga ery'okwogera eri emitima gyaffe. Ganya Omwoyo Omutukuvu okukola wamu n'okuwa buli muntu obudde obw'okusaba.

### **Okuyimba**

Okuyimba okutali kutegeke okuva mu bibinja, nga kugattiddwaamu okusaba, byonna byongera okunyumisa olukunjaana lw'okusaba. Waliwo ennyimba ezaalwozebwa ne ziteekebwa ku buli nkomerero y'olupapula lw'omulamwa gw'olunaku. Tekibetaagisa kukozeza nnyimba zonna – bino birowoozo ebyateekebwaamu. Era okuyimba y'engeri ennungi ey'okuwanyisa okuva mu kitundu ekimu eky'essaala okudda mu kirala.

### **Okuwaayo Eby'okusabira**

Toyita bantu kuwaayo nsonga zaabwe ez'okusabira okuva mu kibinja, wabula kubiriza abantu okuteeka ensonga zaabwe mu ssaala wamu n'okukubiriza abalala okukkaanya nazo beppo n'okuzisabira. Kino kijjawo olw'ensonga y'obudde! Okwogera ku by'okusabira kitwala obudde bungi. Setaani kimukolera nnyo bwe tumala obudde nga twogera ku bizibu, kubanga abali mu kibinja batanula okutandika okuwa amagezi n'okutemera ensonga empanda. Obuyinza buva eri Katonda! Gye tukoma okusaba, amaanyi Ge gye gakoma okwolesebwa!

### **Ebiseera Byo Ebya Bulijjo**

Kino nno kikulu nnyo! Omukulembeze osaanye okubeeranga ku bigere bya Yesu bulijjo nga oyogera naye beppo n'okusoma Ekigambo Kye. Bw'onoosowazanga Katonda mu buamu bwo, embeera y'obulamu bwo ejja kubeera nga ewoomesa nnakabululu (ettooke). "Amaanyi agaanyeenya ensi yonna mu Kudda Obuggya Okw'ekitalo gaafubutukira mu kifo ky'okusaba eky'ekyama. Eyo, abaweereza ba Katonda gye baateekera ebigerere byabwe mu bukkakamu obutukuvu ku lwazi olw'ebisuubizo Bye" (The Great Controversy, p.210).

Omukulembeze bw'asaba, Katonda akola ku mitima gy'abantu!

## Ennyanjula

Mwanirizibwa mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba! Tukkiriza nti okusaba ly'ezzaaliro ly'okuzzibwa obuggya, kubanga tulabye Katonda ng'akola eby'amagero eby'enjawulo mu bbanga ery'emyaka egiyise wakati mu kumunoonyeza awamu mu kusaba n'okusiiba. Omwoyo Omutukuvu aleetedde bangi okukyuusibwa, n'okuzzaawo ebbugumu ly'okubuulira enjiri, amakanisa okuddamu obulamu, beppo n'okuzzaawo enkolagana ennungi ezibadde zidobonkanye. Tulinawo wano obumu ku bujulirwa okuva mu ebyo ebyatuukawo omwaka oguwedde:

*Okuyita mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba kw'omwaka guno, Katonda Omuyinza wa Byonna yankolera eby'amagero bingi ebiwuniikiriza. ... Mu kkanisa emu ku ezo eziri ku muliraano gwaffe, tewabaddeewo masannyalaze okumala ebbanga erisoba mu myaka ebiri ... Bwe tw'ali mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba ez'omwaka oguwedde, omusumba w'ekkanisa yalunnamizibwa era ne yegayirira ekkkanisa yonna okusabira okutereezebwa kw'amasannyalaze buli kumakya. Olw'ekitiibwa kya Katonda, essaala eyo we twogerera eri mu kuddibwaamu. (P.C.O.)*

*Bwe tw'ali mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba, waaliwo okuzza obuggya obweyamo, okuzzibwamu amaanyi, okuyaayaana, wamu n'obwesimbu wakati mu bakkiriza. Nga omuntu, nakizuula nga kisitula embavu naddala ne mu kiseera ky'entikko y'enteekateeka eyalimu ekiro eky'okusaba! Twetaaga nnyo enteekateeka ennungi ez'ekika nga ekyo ezitusembeza okumpi n'ebigere bya Yesu. (E.A)*

*Okwewaayo kwange eri okusoma Ebyawandiikibwa n'okuwaayo obudde mu kusaba tebibadde nnyo bya makulu gyendi, naye endowooza yange ku kusaba yakyuukira ddala oluvannyuma lw'e Nnaku Ekkumi ez'Okusaba. Natandika okuwaayo obudde obumala mu kusaba, mu kutendereza Katonda, mu kusabira abalala, wamu n'okusoma Ebyawandiikibwa. Nalina obulwadde bw'entunnuunsi, naye okuva ku olwo nawona. Okwebaza kwange kwonna nkuzza eri Omuyinza wa byonna. (H.R)*

*Okuyita mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba, buli omu yasabira mwannyinaffe eyalina yintaviyu ey'omulimu. Omulimu yagufuna – omulimu ogw'ali gwetaagisa omuntu alina ebisaanyizo ebikira ku by'abalala, naye ne guweebwa ye. Katonda atwewuunyisa nnyo mu bintu by'akola, bwe wetegereza obuwanvu bw'ebbanga eribeera liyise nga tumeggana n'embeera wamu n'okugumiikiriza. Tusabye emirundi emeka? Tegibalika! Nsaba okukubiriza buli omu ku ffe okugenda mu maaso n'okusaba kubanga essaala zaffe tezija kukottokera busa kasita tukkiriza. (L.B)*

Eddoboozi lya Katonda libaddenga likuyita okudda obuggya? Bayibuli ejjuddemu ebisuubizo ebirungi gy'oli:

- “Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetoowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe” (2 Ebyomumirembe 7:14).
- “Era mulinnoonya ne mundaba, bwe mulinkenneenya n'omutima gwammwe gwonna” (Yeremiya 29:13).

- “Awo olulituuka buli alisaba erinnya lya Mukama alirokoka” (Yoweeri 2:32).
- “Musembererenga Katonda, naye anaabasembereranga mmwe” (Yakobo 4:8).
- “Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw’awulira eddoozi lyange, n’aggulawo oluggi, nnaayingira gy’ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange” (Okubikkulirwa 3:20).

Yonna gy’oli kaakano mu bulamu buno, kimanye nti Katonda akusemberedde nnyo okusinga bw’okirowooza. Ayagala nnyo okubunduggula emikisa Gye ku maka go, ku kkanisa yo, ku kitundu kyo, wamu n’ensi yo!

## **Omulamwa gw’Okusaba: Naye Ggwe bw’Osabanga ...**

Amasomo gaffe aga buli lunaku ag’omwaka guno gaategekebwa Dr. Pavel Goia, omusunsuzi w’akatabo akayitibwa *‘Ministry’* magazine. Yeyambisa emboozi eziva mu buweereza bwe okusobola okutaganjula Essaala ya Mukama waffe wamu n’okuyigiriza kwa Yesu okulala. Goberera mpola mpola nga ayanjuuza amakulu ag’ebuziba ennyo wamu n’ebinyusi eby’omwoyo okuva mu nnyiriri ze tukuba obudinda. Kitegeeza ki “okutukuza” erinnya lya Katonda? Obwakabaka bwa Katonda bufaananyizibwa butya ku nsi kuno? Bwe tusonyiwa bantu bannaffe, kikyusa kitya enkolagana yaffe ne Katonda? Era, ddala Katonda atwala abantu mu kukemebwa?

Ne bwekiba nti obadde osabira ebbanga ddene oba ennaku ntono, emboozi zino zigenda kosisimula ebirowoozo byo ku bwetaavu n’okuyaayaana okusisinkana Yesu nga oli ku maviivi go buli lunaku. Weweeyo okusoma nga otaddeyo ebirowoozo era okuume Bayibuli yo okumpi naawe. Era bwekiba kisoboka, funayo ekibinja ky’abakkiriza ky’onosabanga nakyo okuyita mu Nnaku Ekkumi ez’Okusaba. Abantu ababiri oba basatu bwe bakunjaana mu linnya lya Yesu, eby’amagero bibaawo!

### **Ebirowoozo ku Nnambika y’Ebiseera by’Okusaba**

- Essaala zisaana okubeera nga nnyimpi – osobola okwogerayo olunyiriri lumu oba bbiri ku mulamwa oguliwo, olwo nno n’abalala nabo ne bafuna omukisa ogw’okusaba. Wabula osobola okufuna emikisa emirala egy’okusaba nga muyita u mpalo, nga bwe kibeera nga tunyumya emboozi.
- Tobeera na kweraliikirira olw’akasirise, kubanga gubeera mwagaanya eri buli muntu okuwuliriza eddoozi erya Mwoyo Omutukuvu.
- Okuyimbira awamu ennyimba okusinzira nga Omwoyo bw’abeera alunjamizza nagwo mukisa gwa njawulo nnyo. Kino tekyetaagisa nnanga; amaloozi ge gasinga okubeera amalungi.

Okusabira ensonga zaffe kukulu nnyo okusinga okukozesa obudde bwaffe obw’omuwendu mu kuzoogerako. Abalala nabo basobola okusabira ensonga zaffe wamu n’okukaayanira ebisuubizo ebikwatagana n’ensonga yo.

## **Okukaayanira Ebisuubizo**

Tulina omukisa gwa maanyi nnyo okubeera nga tukaayanira emikisa gya Katonda mu ssaala zaffe, anti amateeka Ge n'okubuulirira Kwe nabyo bisuubizo gyetuli. Talina ky'alitusaba nga tetusobola kukikola mu maanyi Ge.

Kyangu nnyo okussa essira ku byetaago byaffe, ku buzibu bwaffe, okusomoozebwa kwaffe – n'okuwanjaga beppo n'okuyomba olw'embeera gye tuyitamu lwe tusaba. Kino si ky'ekigendererwa ky'okusaba, bakira essaala eruubiriddwaamu kunyweeza kukkiriza kwaffe. Eyo y'ensonga lwaki tubakubiriza okukaayanira ebisuubizo bya Katonda mu kiseera kyammwe eky'okusaba. Amaaso go gaggye ku ggwe ne ku bunafu bwo era ogakyuuse otunuulire Yesu. Bwe tumulaba, tukuusibwa ne tuzzibwa mu kifaananyi Kye.

Elle White akozesa ebigambo bino okutuzzaamu amaanyi: “Buli kisuubizo ekiri mu Kigambo kya Katonda kyaffe. Bw'obeera owaayo essaala, yatula obweyamo bw'ekigambo kya Yakuwa era okaayanire ebisuubizo Bye nga oyima mu kukkiriza. Ekigambo Kye bwe bukakafu nti bw'osaba nga olina okukkiriza, ojja kufuna emikisa egy'omwoyo. Genda mu maaso n'okusaba, ojja kufuna ekisukkiridde ku ebyo byonna by'osaba oba by'olowooza” (*In Heavenly Places*, p. 71).

Osobola otya oukaayanira ebisuubizo bya Katonda? Okugeza, bw'obeera osabira okufuna emirembe, osobola okukaayanira ekisuubizo ekiri mu Yokaana 14:27 era n'ogamba nti, “Mukama, watugamba mu Kigambo Kyo nti, 'Emirembe mbalekera; emirembe gyange ngibawa: si ng'ensi bw'ewa, nze bwe mbawa. Omutima gwammwe tegweraliikiriranga so tegutyanga.' Nsaba ompe emirembe gye watusuubiza” Webaze Katonda olw'okubanga aakuwa emirembe, wadde nga oyinza obutakiwulira essaawa eyo.

## **Okusiiba**

Tubakubiriza okusiiba mu nkola eya Danyeri nga muli mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba. Kibeera kirungi okutandika nga tusaba wamu n'okusiiba kubanga y'engeri ey'okuwonga obulamu bwaffe eri Katonda olw'ekiseera ky'omwaka ekiggya. Ellen White atugamba nti, “Mu kiseera kino n'okweyongerayo okutuusa ku nkomerero y'ebiseera, abantu ba Katonda balina okunyiikira ennyo, okuzuukuka ennyo, nga tebeesiga magezi gaabwe bbo, wabula nga batambulira ku magezi g'Omukulembeze waabwe. Balina okuwaayo ennaku ez'enjawulo mu kusiiba n'okusaba. Okulekerayo ddala okulya emmere kiyinza obuteetaagisa, wabula balina okulya ekisaamusaamu ku mmere ennyangu” (*Counsels on Diet and Foods*, pp. 188, 189).

Tumanyi ku Danyeri eyalyanga ebibala n'ebivaavava okumala ennaku kkumi. Naffe tubakubiriza okukozesa enkola ennyangu okuyita mu nnaku zino ekkumi. Bwe tuba twagala okubeera n'ebirowoozo ebirungi ebisobola okuwuliriza eddobozi lya Katonda, era bwe tuba twagala okumusemberera, twetaaga okukakasa nti endya yaffe tetukugira mu ngeri yonna.

Okusiiba tekukwaata ku kwewala kulya mmere kyokka, wabula tubakubiriza okusiiba TV, okulaba sineema, okuzannya obuzannyo bwa kompyuta, okwewala Facebook ne WhatsApp ne YouTube. Oluusi ebintu ebirabika nga ebitalina buzibu bisobola okutumalira ebiseera byaffe. Buli kimu ekiyinza okukumalira obudde osaanye okiteeke ebbali osobole okumala ekiseera ekirungi ne Mukama.



Okusiiba si y'engeri ennyangu ey'okufunamu eky'amagero okuva ewa Katonda, wabula kitegeeza okwewombeeka olw'okuganya Katonda okukola omulimu mu ffe wamu n'okukola omulimu Gwe okuyita mu ffe. Ka tumusemberere okuyita mu kusaba n'okusiiba, era naye ajja kutusemberera

### **Omwoyo Omutukuvu**

Kakasa nga osaba Omwoyo Omutukuvu okukulaga eky'okusabira mu bulamu bw'omuntu omu oba embeera yonna. Bayibuli atutegeeza nti tetumanyi nsonga ya kusabira era nti Omwoyo Omutukuvu y'atuwolereza.

“Tetulina kusabira mu linnya lya Kristo, wabula nga tuyita mu kulunnamizibwa kwa Mwoyo Omutukuvu. Kino kinnyonyola ensonga lwaki kyayogerwa nti ‘Omwoyo yennyini atuwolereza n'okusinda okutayogerekeka’ (Abaluumi 8:26). Katonda asanyukira nnyo okwanukula essaala bw'etyo. Bwe tuwaayo essaala zaffe mu bunyiikivu n'obutakoowa nga tuyita mu linnya lya Kristo, wabeerawo obweyamo okuva ewa Katonda nti anaatera okwanukula essaala yaffe ‘okusingira ddala byonna bye tusaba oba bye tulowooza’ (abaefeeso 3:20)” (*Christ's Object Lessons*, p. 147).

### **Okukkiriza**

Omwoyo w'Obunnabbi atutegeeza nti “okusaba n'okukkiriza bijja kukola obuyinza bw'oku nsi bwonna kye butayinza kutuukiriza” (*The Ministry of Healing*, p. 509). N'era twongera okutegeezebwa nti “Tusobola okusaba ekirabo kyonna kye yasuubiza; olwo tukkirize nti tumaze okukifuna kasita tukkiriza, era twebaze Katonda olw'okubeera nga tumaze okukifuna” (Education, p. 258). N'olw'ekyo osaana ogifuule empisa yo okwebazanga Katonda embagirawo nga oyita mu kukkiriza olw'ekyo ky'abeera agenda okukola n'engeri gy'agenda okwanukulamu essaala zo.

### **Okusabira Abalala**

Nga tuli mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba, tubakubiriza okusabiranga abantu Katonda baatadde mu bulamu bwammwe. Funayo abantu bataano okutuuka ku musanvu – basobola okubeera ab'engjaanda, ab'emikwano, bakozi banno, baliraanwa, oba abo bonna b'omanyi. Waayo obudde osabe Katonda akulage b'oyinza okusabiranga mu kiseera ekyo. Musabe akusobozese okwetikka obuzito bw'abantu bano. Wandiika amannya gaabwe ku lupapula era olukuumire awantu awalungi, nga mu Bayibuli. Ojja kwewuunya engeri Katonda gy'akolamu ng'ayanukula essaala zo!

### **Okuweereza mu Kitundu okw'e Nnaku Ekkumi ez'Okusaba**

Yesu atuyita okuweereza nga tuyita mu bikolwa ebirabikako n'amaaso eri abatwetoolodde nga tetukomye mu kusaba ssaala zokka. “Kubanga nnalina enjala ne mumpa eky'okulya: nnalina ennyonta ne munnywesa: nnali mugenyi ne munsuza; nnali mwereere ne

munnyambaza: nnali mulwadde ne munnambula: nnali mu nvuba, ne mujja mundaba” (Matayo 25:35, 36).

Mu kitabo kya *The Ministry of Healing* tusomamu ebigambo bino nti, “Tulina okutambulira mu bulamu obw’engeri ebbiri – obulamu obw’okulowooza n’okuteeka mu nkola, obw’okusaba okw’akasirise n’okukola okw’obunyiikivu” (p. 512). Tufunye okwagala kungi okuva eri Omulokozi waffe, era tulina omukisa ogw’okugabana okwagala okwo ne mikwano gyaffe, baliraanwa baffe, n’abantu be tutamanyi abali mu bwetaavu.

Mwebuuze ku Katonda engeri mmwe n’ekkanisa yammwe gye musobola okuweerezaamu abalala oluvannyuma lw’e Nnaku Ekkumi ez’Okusaba. Nga mukole enteekateeka ey’obuweereza obwo, mwewale okuganya entegeka ezo okubakugira mu kusaba. “Okulumirirwa abalala kulina okukulemberwaamu n’okusaba okw’amaanyi okw’ekyaama; kubanga kyetaagisa amagezi ag’amaanyi okusobola okutegeera enkola ey’okulokolamu emyoyo. Nga tewannabeerawo mpuliziganya n’abantu, kya nsonga okusooka okutabagana ne Kristo. Ku nnamulondo y’eggulu ey’ekisa we wava entegeka ey’obuweereza eri abantu” (*Prayer, p.313*).

Mu biwandiiko by’e Nnaku Ekkumi ez’Okusaba ebiri ku mutimbagano, ojja kuzuulayo enkulukuunyo ejjuddemu ebirowoozo ku ngeri ey’okufulumamu oba obuweereza obw’omukitundu. Yesu abayita okubeera emikono Gye wamu n’ebigere eri ensi etubidde mu bwetaavu!

## **Ebikwaata ku Muwandiisi**

Pavel Goia, Dmin, muweereza eyateekebwaako emikono, mwogezi wa lulango, era musunsuzi wa biwandiiko. Yatandika olugendo lwe olw’obuweereza ng’ali mu maka ge mu nsi y’e Romania. Pavel ne mukyala we omwagalwa ayitibwa Daniela beeyongerayo ne batabani baabwe ababiri okugenda mu United States olw’okumeggana n’emisomo egy’obuweereza. Yamatira n’okubeera omusumba ow’ebisibo ebiwerako mu Romania ne mu United States, era atambudde mu nsi yonna ng’ayigiriza ku kusaba n’eniramwa emirala mingi. Yafulumyaayo ekitabo ekiyitibwa *One Miracle After Another: The Pavel Goia Story* era awandiise n’ebintu ebirala ebiwerako nga kw’ogasse ekitabo ekiyitibwa *In the Spirit and Power*. Essaawa eno Pavel ali mu buweereza obwa *Associate ministerial secretary* owa General Conference eya Seventh-day Adventists era nga ye musunsuzi omukulu owa *Ministry magazine, International Journal for Pastors*. Anyumirwa okuwaayo obudde obulungi ne mukyala we, wamu ne batabani ababiri, bazzukulu be abana, beppo n’embwa ye.

Ebiwandiiko bya Ten Days of Prayer bitegekeddwa the Ministerial Association, General Conference of Seventh-day Adventists.

Unless otherwise marked, texts in Introduction and Leader’s Guide are taken from the New King James Version. In daily readings, texts credited to NKJV are from the New King James Version.

Copyright © 1979, 1980, 1982 by Thomas Nelson, Inc. Used by permission. All rights reserved. Texts credited to NIV are from the Holy Bible, New International Version. Copyright © 1973, 1978, 1984, 2011 by Biblica, Inc. Used by permission. All rights reserved worldwide.



## **Ekiri eky'Okusaba**

Mulwooze ku buweereza obw'okusaba okw'okuyita mu kiro ekiramba nga emu ku nteekateeka z'e Nnaku Ekkumi ez'Okusaba. Okugeza, musobola okutandika ku ssaawa kkumi na bbiri ez'akawungeezi (6:00PM) ne mufundikira ku ssaawa kkumi na bbiri ez'okumaliiri/ku makya (6:00AM). Mukozese enkola eneesingako obulungi eri ekibiina kyammwe.

### **Lwaki Ekiri ky'Okusaba Kyetaagisa?**

Okumalako ekiri nga mutunula tekirina kakwaate konna na nsonga “ey'obutukuvu.” Wabula, obudde bw'ekiri bwe buyinza okubeera obulungi eri abantu mu butabeera na kayisanyo yadde obutali butebenkevu.

Tukikiriza nti ekigendererwa kyammwe tekirina kubeera mu kusula nga mutunula okuyita mu kiro kyonna wabula kya kusaba nga bwe kyetaagisa okutuusa nga buli kimu kisabiddwa nga Katonda bw'ayagala bisabirwe.

Ffe tuteesa nti ka wabeerewo abantu ab'enjawulo abakulemberamu okusaba okuyita mu kiro. Mukakase nti waliwo okuwummulamu okutonotono okw'enjawulo, era nga omukulembeze ofuba okulaba nga osobola okusoma embeera n'omanya ddi lwe kyetaagisa okuwummulamu n'okumanya lwe musobola okweyongerayo mu kitundu ekirala eky'okusaba.

Ekirala, musobola okugattamu okusomebwa kw'Ebyawandiikibwa wakati mu kiseera kyammwe eky'okusaba. Muyinza okwagala okukola byonna ebiteeso ng abwe bibaweereddwa oba okukolako ebimu okusinziira ku kisingako obulungi eri ekibiina kyammwe. Muli ba ddembe okukyuusaamu mu ntegeka nga bweri.

## **Enteekateeka y'Ekiri eky'Okusaba**

*Mutandike n'ekitundu eky'okusaba.* Mutendereze Katonda mu ssaala zammwe wamu ne mu nnyimba.

*Muweeyo ekiseera eky'okwatula,* nga mukakasa nti mpaawo nsonga yonna ebakugira okuwulirwa Katonda. Abantu ka bafune obudde obw'okwatula mu kyama awamu n'okubeera n'obudde obw'okwatula okw'ekibiina. Abantu bakubirizibwe okwatula ebibi byabwe ebyekyama awamu n'okwatula mu lujjudde ebibi byokka eby'olwaatu. Mu Danyeri 9:1-19 tusoma ku Danyeri eyetonda awamu n'okwatula mu lwatu ebibi by'abantu ba Katonda.

**Wabeerewo okusabira ebyetaago by'abantu abaliwo mu nteekateeka y'okusaba.** Abantu bangi balina obulumi oba okubeera nga balina obwetaavu bw'okusaba. Mukole enkulungo, muteekewo entebe wakati, era muyite oyo yenna alina ensonga ey'okusabira okujja beppo ajigabane n'abalala. Bw'amaliriza, mumwetoole era mufuneyo abantu babiri oba basatu basabire ensonga y'omuntu oyo yokka awamu n'okukaayanira ebisuubizo bya Katonda.

**Ekibiina mukyawuzeemu emirundi ebiri.** Abakyala bafune we basabira bokka (nga balina omukulembeze omukyala), n'abasajja bafune we basabira bokka (nga balina omukulembeze omusajja).

Waliwo ensonga nyingi ezitasobola era ezitalina kugabanibwa na buli muntu, nga ekyo kisoboka nga omuntu azibuuliddeko oyo bwe bafaanagana mu kikula.

Bwe mubeera mumalirizza nga mukomyeewo, **musabire obwetaavu bwomu kitundu wamu n'obw'ekkanisa.** Era muweeyo obudde okusabira ensonga zekkanisa mu nsi yonna (ziwandiikiddwa mu nkulukuunyo ey'enjawulo mu bintu by'e Nnaku Ekkumi ez'Okusaba). Temukitwaala nti mulina okuyita mu nsonga zonna eziri ku lukalala. Muyinza okwetaaga okweyawuzaamu mu bubondo obutono, buli kamu ne mukawaako ekitundu ku lukalala eky'okusabira

**Sabira olukalala lw'abantu abataano oba omusanvu** b'obadde osabira okuyita mu Nnaku zino Ekkumi ez'Okusaba.

**Londayo Ekyawandiikibwa mw'obeera osabira.**

**Mufundikire ekiseera ky'okusaba n'ekitundu ekirala eky'okutendereza awamu n'okuwaayo okwebaza.**

## **Ebirowoozo bw'Okufuluma Okuweereza mu Kitundu Okuyita mu Nnaku Ekkumi ez'Okusaba**

Yesu tatuyita kukoma ku kusaba kwokka, wabula atwetaaza okuweereza abantu abatwetooolodde nga twanukulira obwetaavu bwabwe obw'omwoyo wamu n'obwomubiri. “Kubanga nnalina enjala ne mumpa eky'okulya: nnalina ennyonta ne munnywesa: nnali mugenyi ne munsuza; nnali bwereere ne munnyambaza: nnali mulwadde ne munnambula: nnali mu nvuba, ne mujja mundaba” (Matayo 25:35, 36).

Mu kitabo ekiyitibwa, *The Ministry of Healing tusoma nti*, “Tulina okutambulira mu bulamu obw'amabala abiri – obulamu obw'okulowooza n'obulamu obw'okussa mu nkola, obw'essaaala ey'akasirie n'obwokunyiikira okukola” (p. 512). Twagalibbwa nnyo Omulokozi waffe, era tulina n'omukisa ogw'okugabana okwagala okwo n'emikwano, baliraanwa, wamu ne betutamanyi abali mu bwetaavu.

Saba Katonda alage engeri ggwe n'ekkanisa yo bwe muyinza okuweerezaamu abalala nga Ennaku Ekkumi ez'Okusaba zimalirizibbwa. Nga muteekateeka eby'okukola, temuganya ntegeka kubaziyiza na kubakugira kusaba. “Okwewaayo okuweereza abantu abalala Kulina kukulemberwaamu na kusaba okw'amaanyi okw'ekyama; kubanga kyetaagisa amagezi mangi nnyo okusobola okutegeera obukodyo obw'okulokolamu emyoyo. Nga tonnaba kuwuliziganya n'abantu abalala, olina okusooka okutabagana ne Kristo. Ku nnamulondo y'eggulu ey'ekisa wewava obweteefuteefu obw'okuweereza abantu abalala.s” (*Prayer*; p. 313).

Zino z'ezimu ku ngeri ez'okuyambamu abantu abalala, era kwe musobola okulondobamu obwetaavu bw'ekitundu kyammwe nga bwebuli beppo n'okwongeramu ebirowoozo byammwe bye mubeera mulina;

- Fumbayo ekibu ku lw'omuntu omu omulwadde.
- Yita muliraanwa oba mukozzi munno okubegattako mu bbinu ly'ekkanisa.
- Funirayo omuntu abundabunda ku mmere ey'okulya.
- "Sembeza" oba okulabirira omukadde. Lambula omuntu ono buli kadde era omuyambeko mu mirimu, okugula ebintu, okufumba, oba okulongoosa mu nnimiro.
- Fumbayo ku migaati era ogabanyizeeko ku muliraanwa wo.
- Yambako mu by'okukola eby'omu kitundu.
- Waayo obudde okubeerako n'omulwadde oba omuntu aliko obulemu mu kuganya abamulabirira okubeerako ne bye bakola.
- Gulayo ku bikozesebwa ewaka ate obituuse ku maka agali mu bwetaavu.
- Gaba ggalubindi zo z'obadde okozesa.
- Beerako n'okuyiga kwa Bayibuli kw'okola.
- Kyalirako ku bantu abali mu bifo eby'obujjanjabi.
- Gabirayo omuyizi ku nsimbi z'okulya ku ssomero.
- Kuṅṅanyaayo ku ngoye z'abali mu bwetaavu. Osobola n'okukolawo etterekero ly'engoye ez'okugabana n'abalala ku kkanisa.
- Gaba ebyuuma byo eby'amasannyalaze by'obadde okozesa.
- Gaba emmotoka yo gy'obadde ovuga.
- Mutegekeeyo olusiisira lw'ebyobulamu.
- Weerezaayo kaadi eri omusibe.
- Mutegekeeyo olukunṅaana lw'enjiri.
- Kubira ku baliraanwa essimu okumanya nga bwe bali.

- Gabirayo omuntu ekitabo ky'osubira nti anaakyagala.
- Gaba eby'okuyiga bya GLOW (kwebiri ku mutimbagano nga obitumizza wano: <http://www.glowonline.org/>).
- Beerako ne gw'oyita okukkiriza Yesu.
- Muteekeewo ebbanguliro ly'okufumba.
- Mugabe ebitabo ebirina emiramwa egya Bayibuli.
- Twala emmere eri omuntu afiiriddwaako omwagalwa we.
- Beerako ne gw'okyalirako mu ddwaliro mu ngeri ey'okumuzzaamu amaanyi oba okumuyambako mu ngeri yonna esoboka.
- Beerako n'omukadde gw'osomera ekitabo.
- Mukyaleko mu maka g'abaana abatalina mwasirizi, era muyambeko mu mirimu egy'omu kifo.
- Mutandikeewo ekibiina eky'okusona n'okutunga engoye ez'okugaba.
- Soma Bayibuli mu ddooboozi ery'omwanguka eri omuntu atalaba oba atayinza kusoma.
- Tegekayo ekiro ky'abavubuka mu maka go.
- Kola obwa nnakyeewa mu kifo ky'abantu abakabasanyiziddwa.
- Mugabe ebitabo mu maka g'abaana abatalina mwasirizi.
- Mutwale abaana b'ekkanisa bakyaleko mu maka g'abantu abakadde. Mubatuuseeko entegeka yammwe gyebali.
- Tegeka olunaku olw'ebbinu eri abaana abaliko obulemu wamu n'abomu maka gaabwe.
- Mutegekeeyo olunaku olw'okulongoosa mu kitundu.
- Tandikawo ekibiina eky'ebyobulamu obulungi mu kkanisa yammwe, era muyanirize ab'emikwano wamu ne baliraanwa bammwe.
- Noonyaayo omuntu asobola okulaba naawe olutambi lwa DVD olulimu obubaka obw'omwoyo. Nga muli mu kululaba, saba Omwoyo Omutukuvu ayogere eri omutima gw'omuntu oyo.
- Tegekayo omulimu ogw'okukola nga ggwe.

Ebisingawo awo ku by'okweyambisa mu kugabana okukkiriza kwo, tukyalireko ku mutimbagano guno ogwa [www.revivalandreformation.org/resources/witnessing](http://www.revivalandreformation.org/resources/witnessing).

# Ebisuubizo Bya Bayibuli eby'Okukaayanira mu Kusaba

## Ebisuubizo ebya Mwoyo Omutukuvu

- "Musabe Mukama enkuba mu biro ebya ddumbi, Mukama akola ebimyansa; naye alibawa empandagirize, buli muntu omuddo mu ttale." Zekkaliya 10:1.
- "Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba!" Lukka 11:13
- "Naye Omubeezi, Omwoyo Omutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, oyo alibayigiriza byonna, alibajjukiza byonna bye nnabagamba ... Ye bw'alijja, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu, n'olw'omusango." Yokaana 14:26; 16:8
- "Ddala ddala mbagamba nti Akkiriza nze emirimu gye nkola nze, naye aligikola; era alikola egisinga egyo obunene; kubanga nze njenda eri Kitange. Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumizibwenga mu Mwana. Bwe munaasabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga." Yokaana 14:12-14.
- "Naddamu n'anjamba nti Kino kye kigambo kya Mukama eri Zerubbaberi nga kyogera nti Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa mwoyo gwange, bw'ayogera Mukama w'eggye." Zekkaliya 4:6

## Ebisuubizo nti Katonda Ayanukula Essaala

- "Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga.s" Yokaana 15:7
- "Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa, tulyoke tuweebwe okusaasirwa, era tufune ekisa olw'okubeerwa bwe tukwetaaga." Abaebbulaniya 4:16
- "Kyenva mbagamba nti Ebigambo byonna byonna bye musaba n'okwegayirira, mukkirize nga mubiweereddwa, era mulibifuna." Makko 11:24
- "Nate mbagamba nti Oba bannammwe babiri bwe beetabanga ku nsi buli kigambo kyonna kye balisaba, kiribakolerwa kitenge ali mu ggulu." Matayo 18:19
- "Ne byonna byonna bye munaayagalanga nga musaba, nga mukkiriza, munaabiwebwanga." Matayo 21:22
- " Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumizibwenga mu Mwana. Bwe munaasabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga." Yokaana 14:13, 14
- "Ne ku lunaku luli temulibaako kye munsaba. Ddala mbagamba nti Buli kye mulisaba Kitange, alikibawa mu linnya lyange. Okutuusa leero temusabanga kigambo mu linnya lyange: musabe, muliweebwa, essanyu lyammwe lituukirire." Yokaana 16:23, 24
- "Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumizibwenga mu Mwana. Bwe munaasabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga ayagala, atuwuira: era bwe tumanya ng Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumizibwenga mu Mwana. Bwe munaasabanga ekigambo mu



linnya lyange, ekyo nnaakikolanga atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye." 1 Yokaana 5:14, 15

### **Ebisuubizo Ebikwata ku Buyinza bwa Katonda**

- "Waliwo ekirema Mukama? Mu biro ebyatekebwaawo ndikomawo w'oli, ekiseera bwe kiridda, ne Saala alizaala omwana ow'obulenzi." Olubereberye 18:14
- "Mukama anaabalwanirira, nammwe munaasirika." Okuva 14:14
- "Awo Yesu n'abatunuulira n'agamba nti Mu bantu tekiyinzika, naye si bwekityo eri Katonda; kubanga byonna biyinzika eri Katonda." Makko 10:27
- "Abayita mwesigwa, n'okukola ye alikola." 1 Abasessalonika 5:24
- "Mmany inga ggwe oyinza byonna, era nga tewali kigambo kye wateesa ekiziyizika." Yobu 42:2
- "Kale tunaayogera tutya ku ebyo? Katonda bw'abeera ku lwaffe, omulabe waffe ani? Ataagana mwana we ye, naye n'amuwaayo ku lwaffe fenna, era talitugabira bintu byonna wamu naye?" Abaluumi 8:31, 32
- "Katonda si muntu, okulimba; So si mwana wa muntu, okwejjusa: Ayogedde, n'okukola talikikola? Oba agambye, n'okutuusa talikiktuusa?" Okubala 23:19
- "Tonnamanya? Tonnawulira? Katonda ataliggwaawo, Mukama, Omutonzi w'enkomerero z'ensi, tazirika so takoowa; amagezi ge teganoonyezeka. Awa amaanyi abazirika; n'oyo atalina buyinza amwongerako amaanyi. Abavubuka nabo balizirika balikoowa, n'abalenzi baligwira ddala: naye abo abalindirira Mukama baliddamu obuggya maanyi gaabwe; balitumbiira n'ebiwawaatiro ng'empungu; balidduka mbiro ne batakoowa; balitambula ne batazirika. " Isaaya 40:28-31

### **Ebisuubizo eby'Okulagirirwa kwa Katonda**

- "Si nze nkulagidde? Ddamu amaanyi, guma omwoyo; totyanga, so teweekanganga kubanga Mukama Katonda wo ali naawe buli gy'onoogendanga yonna." Yoswa 1:9
- "Era, laba, nze ndi wamu naawe, era naakuumanga gy'onoogendanga yonna, era ndikukomyaawo mu nsi eno; kubanga sirikuleka okutuusa lwe ndimala okukola bye nkugambyeko." Olubereberye 28:15
- "Laba, ntuma malayika mu maaso go, akukuume mu kkubo, akuleete mu kifo kye nnateekateeka." Okuva 23:20
- "Naye nga muyima eyo bwe munaanoonyanga Mukama Katonda wo, onoomulabanga bw'onoomunoonyanga n'omutima gwo gwonna n'obulamu bwo bwonna." Ekyamateeka 4:29
- "Buli kiwonvu kirigulumizibwa, na buli lusozi n'akasozi birikkakanyizibwa: n'obukyamu buligololwa, n'ebifo ebitali bisende biriterezebwa; n'ekitiibwa kya Katonda kiribikkulibwa, ne bonna abalina omubiri balikirabira wamu: kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogedde." Isaaya 40:4, 5

- "Naakuyigirizanga naakulanganga mu kkubo ly'onooyitangamu: Nnaakuteesezanga ebigambo eriiso lyange nga liri ku ggwe." Zabbuli 32:8
- "Mukama ye wuuyo abakulemba; anaabeeranga naawe, taakulekenga so taakwabulirenga: totya so totekemuka." Ekyamateeka 31:8
- "Omuntu atya Mukama aluwa? Oyo gw'anaayigirizanga mu kkubo ly'anaasiimanga." Zabbuli 25:12
- "Weesigenga Mukama n'omutima gwo gwonna. So tweesigamanga ku kutegeera kwo ggwe: Mwatulenga mu makubo go gonna, kale anaalunḡamyanga olugendo lwo." Engero 3:5, 6
- "N'omuggirawo omuyala obulamu bwo, n'okkusa obulamu obubonyaabonyezebwa; kale omusana gwo ne gulyoka guviiirayo mu kizikiza, n'ekifu kyo kiriba ng'ettuntu: era Mukama anaakulunḡamyanga ennaku zonna, n'akkusa obulamu bwo mu bifo ebikalu n'anyweza amagumba go; naawe onoobanga ng'olusuku olufukirirwa amazzi era ng'oluzzi olutaggwaamu mazzi." Isaaya 58:10, 11
- "Awo olulituuka nga tebannaba kuyita ndibayitaba; era nga bakyayogera ndiwulira." Isaaya 65:24

### **Ebisuubizo ku lw'Omutima Ogukyuusibbwa**

- "Era ndibawa omutima okummanya nga ndi Mukama: era banaabanga bantu bange, nange naabanga Katonda waabwe: kubanga balikomawo gyendi n'omutima gwabwe gwonna." Yeremiya 24:7
- "Era Mukama Katonda wo alikukomola omutima, n'omutima gw'ezzadde lyo, okwagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, olyoke obe mulamu." Ekyamateeka 30:6
- "Era ndibawa n'omutima omuggya, ne nteeka omwoyo omuggya munda mu mmwe: era ndiggya omutima ogw'ejinja mu mubiri gwammwe ne mbawa omutima ogw'ennyama." Ezekyeri 36:26
- "Nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo." Abafiripi 1:6
- "Omuntu yenna bw'aba mu Kristo ky'ava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biwedde; laba, nga bifuuse biggya." 2 Abakkolinso 5:17
- "Nakomererwa wamu ne Kristo; naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze: era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda, eyanjagala ne yewaayo ku lwange." Abaggalatiya 2:20
- "Era Katonda ow'emirembe yennyini abatukulize ddala; era omwoyo gwammwe n'obulamu n'omubiri byonna awamu bikuumubwenga awatali kunenyezebwa mu kujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo." 1 Abasessalonika 5:23, 24

## **Ebisuubizo eby'Okusonyiyibwa**

- "Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetoowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne mponya ensi yaabwe." 2 Ebyomumirembe 7:14
- "Kubanga ggwe, Mukama, oli mulungi, oyanguwa okusonyiwa, Era ojjula ekisa eri bonna abakukoowoola." Zabbuli 86:5
- "Awo bwe munaayimiranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu; ne Kitammwe ali mu ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe." Makko 11:25
- "Era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo." Abaefeeso 4:32
- "Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu." 1 Yokaana 1:9
- "Mujje nno, tuteese bw'ayogera Mukama: ebibi byammwe ne bwebiba nga olugoye olumyufu, binaaba byeru nga omuzira; ne bwe bitwakaala ng'ebendera, binaaba nga ebyoya by'endiga." Isaaya 1:18
- "Nze, nze mwene, nze nzuuyo asangula ebyonoono byo ku lwange nze; so sirijjukira bibi byo." Isaaya 43:25
- "Kubanga ndisonyiwa obutali butuukirivu bwabwe, n'ekibi kyabwe sirikijjukira nate." Yeremiya 31:34
- "Eyatuweesa okununulibwa kwaffe olw'omusaayi gwe, okusonyiyibwa ebyonoono byaffe, nga obugagga obw'ekisa kye bwe buli." Abaefeeso 1:7

## **Ebisuubizo eby'Okuwangula Ekibi**

- "Kubanga buli ekyazaalibwa Katonda kiwangula ensi; era kuno kwe kuwangula okwawangula ensi, okukkiriza kwaffe." 1 Yokaana 5:4
- "Naye mu ebyo byonna tuwangudde n'okukirawo ku bw'oyo eyatwagala." Abaluumi 8:37
- "Naye Katonda yebazibwe, atuwanguza ffe ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo." 1 Abakkolinso 15:57
- "Totya, kubanga nze ndi wamu naawe; tokeggentererwa, kubanga nze Katonda wo: naakuwanga amaanyi; weewaawo, naakuwaniriranga n'omukono ogwa ddyo ogw'obutuukirivu bwange." Isaaya 41:10
- "Era ku ebyo byonna nga mukwatiddeko engabo ey'okukkiriza, eneebayinzisanga okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obw'omubi." Abaefeeso 6:16
- "Nnakomererwa wamu ne Kristo; naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze: era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda eyanjagala ne yewaayo ku lwange." Abaggalatiya 2:20
- "Kubanga Katonda yakoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi." Abafiripi 2:13
- "Naye njogera nti Mutambulirenga mu mwoyo, kale temuutuukirizenga kwegomba kwa mubiri." Abaggalatiya 5:16

- "Era Katonda ow'emirembe alibetenta Setaani wansi w'ebigere byammwe mangu. Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe." Abaluumi 16:20
- "So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe birinKatonda by'ayagala, ebirungi ebisanyusa, ebituufu." Abaluumi 12:2
- "Temwagalanga nsi newakubadde ebiri mu nsi. Omuntu yenna bw'ayagala ensi, okwagala kwa Kitaffe tekuba mu ye." 1 Yokaana 2:15

### **Ebisuubizo eby'Okuwonyezebwa**

- "N'ayogera nti Oba nga oliwulira nnyo eddoozi lya Mukama Katonda wo, n'okola obutuukirivu mu maaso ge, n'owulira amateeka ge, n'okwata by'alagira byonna, sirikuteekako ggwe endwadde zonna ze nateeka ku Bamisiri: kubanga nze Mukama akuwonya." Okuva 15:26
- "Ebisiba byo binaabanga kyuma na lukomo; Era ng'ennaku zo, amaanyi go bwe ganaabanga bwe gatyo." Ekyamateeka 33:25
- "Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange, So tweerabira Birungi bye byonna: Asonyiwa ebikolwa byo byonna ebitali bya butuukirivu; Awonya endwadde zo zonna; Anunula obulamu bwo buleme okuzikirira; Akussaako engule eyekisa n'okusaasira okulungi: Akkusa akamwa ko ebirungi; Obuvubuka bwo ne budda obuggya ng'empungu." Zabbuli 103:2-5
- "Tobanga na magezi mu maaso go ggwe; Tyanga Mukama ove mu bubi: Ekyo kye kinaabanga obulamu eri ekkundi lyo, Nobusomyo eri amagumba go." Engero 3:7, 8
- "Yanyoomebwa n'agaanibwa abantu; omuntu ow'ennaku era eyamanyiira obuyinike: era nga omuntu abantu gwe bakweka amaaso gaabwe bwe yanyoomebwa bw'atyo, ne tutamuyitamu ka buntu. Mazima yetikka obuyinike bwaffe n'asitula ennaku zaffe: naye twamulowooza nga yakubibwa yafumitibwa Katonda n'abonyabonyezebwa. Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe: okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku ye; era emiggo gye gye gituwonya." Isaaya 53:3-5
- "Mponya, ai Mukama, kale lwe nnaawona; ndokola, kale lwe nnaalokola: kubanga ggwe oli ttendo lyange." Yereimiya 17:14
- "Kubanga ndikukomezaawo obulamu, era ndikuwonya ebiwundu byo, bw'ayogera Mukama; kubanga bakuyise eyagobebwa, nga boogera nti Ye Sayuuni omuntu yenna gw'atanoonya." Yereimiya 30:17
- "Laba, ndikireetera obulamu n'okuwonyezebwa, nange ndibawonya; era ndibabikkulira emirembe n'amazima bingi nnyo nnyini." Yereimiya 33:6
- "Naye mmwe abatya erinnya lyange enjuba ey'obutuukirivu eribaviirayo ng'erina okuwonya mu biwawaatiro byayo, kale mulifuluma ne muligita ng'ennyana ez'omu kisibo." Malaki 4:2
- "Waliwo mu mmwe omuntu alwadde? Ayitenga abakadde b'ekkanisa; bamusabirenga, nga bamusiigako amafuta mu linnya lya Mukama waffe: n'okusaba kw'okukkiriza kulirokola

omulwadde, ne Mukama waffe alimuyimusa: era oba nga yakola ebibi birimuggibwako."  
Yakobo 5:14, 15

### **Ebisuubizo eby'Amaanyi ag'Okukola Katonda by'Ayagala**

- "Kyetuva tulema okuddirira; naye newakubadde omuntu waffe ow'okungulu ng'aggwaawo, naye omuntu waffe ow'omunda afuuka muggya bulijjo bulijjo. Kubanga okubonaabona kwaffe okutazitowa, okw'ekiseera ekya kaakano, kwongerayongera nnyo okutukolera ekitiibwa ekizitowa eky'emirembe n'emirembe; ffe nga tetutunuulira ebirabika, wabula ebitalabika: kubanga ebirabika bya kiseera; naye ebitalabika bya Mirembe na Mirembe." 2 Abakkolinso 4:16 – 18
- "Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi: kubanga ebiro bwe birituuka, tulikungula; nga tetuzirise." Abaggalatiya 6:9
- "Nnyinzizza byonna mu oyo ampa amaanyi." Abafiripi 4:13
- "Kubanga Katonda yakoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi." Abafiripi 2:13
- "N'aggamba nti Ekisa kyange kikumala: kubanga amaanyi gange gatuukiririra mu bunafu. Kyennaavanga nneenyumiriza n'essanyu eringi olw'eby'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo gasiisire mu nze." 2 Abakkolinso 12:9

### **Ebisuubizo Ku Kubeera Abajulirwa ba Katonda**

- "Temutya so temutekemuka: obw'edda saakubuulira ne nkiraga? Nammwe muli bajulirwa bange. Waliwo Katonda wabula nze? Weewaawo, tewali lwazi; nze siriiko lwe mmanyi." Isaaya 44:8
- "Golokoka, yaka; kubanga omusana gwo gutuuse, n'ekitiibwa kya Mukama kikuviriddeyo." Isaaya 60:1
- "Naye byonna biva eri Katonda, eyatutabaganya naye yekka ku bwa Kristo, n'atuwa ffe okuweereza okw'okutabaganya." 2 Abakkolinso 5:18
- "Naye Mukama n'anyamba nti Toyogera nti ndi mwana muto: kubanga eri bonna ggye nnaakutumanga gy'onoogendanga, era kyonna kye nnaakulagiranga ky'onooyogeranga." Yeremiya 1:7
- "Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi." Ebikolwa 1:8
- "Naye mmwe muli ggwanga ddonde, bakabona ba kabaka, kika kitukuvu, bantu ba nvuma, mulyoke mubuulirenga ebirungi by'oyo eyabayita okuva mu kizikiza okuyingira mu kutangaala kwe okw'ekitalo." 1 Peetero 2:9
- "Naye mutukuzenga Kristo mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka bulijjo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusuubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu n'okutya." 1 Peetero 3:15

## **Ssabiiti ey'Okujaguza**

Muteeketeke Ssabiiti esembayo ey'e Nnaku Ekkumi ez'Okusaba nga ya kujagulizaako obulungi bwa Katonda wamu n'obuyinza bwe obutenkanika. Mujulire ku ngeri gye muwuliddemu obuyinza bw'okusaba awamu n'okugabana ensonga z'omwoyo ez'omuwendo ezituukiddwaako mu nnaku ekkumi eziyise. Mujaguze olw'ebyo Katonda by'akoze, by'ali mu kukola, era wamu ne by'agenda okubakolera gye buja.

Ebyetaago bya buli kkuṅṅaaniro bibeera bya njawulo, n'olw'ekyo kya nsonga nnyo okukolaganira awamu n'abakulembeze b'ekkanisa okusobola okubangawo enteekateeka egwanidde ekkansa yammwe. Bino by'ebimu ku bintu ebiyinza okugattibwa mu buweereza bw'ekkanisa obwa Ssabiiti esembayo.

### **Omulamwa 2025:**

Naye Ggwe bw'Osabanga . . . (Empisa za Yesu ez'Okusaba)

### **Ennyiriri:**

"Mukama waffe, tuyigirize okusaba." (Lukka 11:1)

Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya lyo litukuzibwe.

Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu nsi, ng abwe bikolebwa mu ggulu.

Otuwe leero emmere yaffe eya buli lunaku. Otusonyiwe amabanja gaffe, nga naffe bwe tusonyiye abatwewolako.

Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole eri omubi.

Kubanga obwakabaka, n'obuyinza, n'ekitiibwa bibyo emirembe n'emirembe. Amiina.

### **Ennyimba (Eziyinza okweyambisibwa):**

Bwe Nfuna Eddembe Mu Bulamu Bwange - #127

Turn Your Eyes Upon Jesus - CH. #290

Standing on the Promises - CH. #518

Live Out Thy Life Within Me- CH. #316

He Lives - CH. #251

**Obubaka:**

Obubaka bwa mulundi gumu: Omusumba, omukadde, oba omukulembeze w'eby'okusaba abuulire obubaka ku ngeri ey'okutambulira mu mpisa eziri mu Ssaala ya Mukama waffe.

**(OBA)**

Okufuna obuabaka bw'e Nnaku Ekkumi ez'Okusaba mu bufunze okuva mu bantu ababadde bajjumbira, nga mweyambisa eddakiika 1 – 2 ku buli kyakuyiga nga endagiriro z'ennaku ekkumi bwe zibadde. Omuntu ayogera omutwe, olunyiriri olukulu, wamu n'ekirowoozo ekikulu. (Kino kibera kyetaagisa okutegeka nga bukyali okusobola okulaba nga okufunzibwa kuggweera mu ddakiika 1 – 2. Eri abantu abasinga obungi, eddakiika emu ebeeramu ebigambo ebyogerebwa 125 – 150.

**(OBA)**

Okubeera n'okwogera okumpi ku bikwatagana n'omulamwa: Mu ngeri wabeerawo abantu basatu abaloneddwa ng aba myaka gya njawulo okubeerako n'ebigambo ebitonotono (bya ddakiika 5 – 7) ku mulamwa ogubeera guloneddwa, okugeza nga Essaala ya Mukama waffe oba embooji z'okusaba eziva mu Bayibuli.

**Ebirowoozo Ebirala ku Nteekateeka**

Obujulirwa bwa ab'oluganda ku kwanukulibwa kw'essaala zaabwe.

Ekiseera eky'okusaba okw'omu bubondo.

Ekirango ky'okusaba okuliddako oba eky'eby'okukola mu buweereza.

Olugero lw'abaana.

Ennyimba ez'enjawulo.

N'ebirala bingi.

## **Ensonga ez'Okusabira mu Kkanisa ey'Ensi Yonna**

- Ai Mukama, tukwegayirira wabeerewo okudda obuggya okw'obwa Katonda okwaliwo kubukaale mu Kkanisa Yo mu nnaku ez'oluvannyuma. Tuyinzise okuyimirira ku lw'amazima wadde nga eggulu ligwa. Nsaba okudda obuggya kuno kutandikire ku nze.
- Ai Mukama, tusabe otulage engeri ey'okubeera abanyiikivu mu kusinza okwa buli lunaku, okwa ssekinnoomu n'okwamaka.
- Ai Mukama, zibula amaaso gaffe eri ebituwugula mu bulamu bwaffe, nga by'ebintu ebitulemesa okuteeka essira ku ggwe. Tuwe emitima egy'okusinza egitaliimu kuwuguka.
- Ai Mukama, tusobozese okukuganya okutuzuukusa buli makya, si nsonga oba ku maliiri tubeere n'obudde obulungi obw'Ekigambo Kyo wamu n'okusaba awatali kupakuunkana.
- Tukasaba otuyambe okujja gy'oli nga bwetuli, n'empulizo zaffe zonna, n'obutatuukirira bwaffe bwonna, n'ebibi byaffe, n'obwetaavu bwaffe, wamu n'okukukkiriza okutwagala, okutukyuusa, n'okutufuula abantu b'oyagala tubeere.
- Ai Mukama, otuyigirize engeri ey'okwegayirira olw'okubatzibwa okwa buli lunaku okw'Omwoyo Omutukuvu.
- Tusabira enkuba ey'oluvannyuma ey'Omwoyo Omutukuvu okutuwa amaanyi ag'okubuulira enjiri wamu n'okwenyigira mu mulimu gw'otuwadde okukola nga tonnaba kudda.
- Tulage engeri gye tusobola okwagalamu enjaanda zaffe mu kwegaanyisa okw'amaanyi n'engeri ey'okufuulamu abantu abanyigirizwa ab'Obwakabaka, nga tutandikira ku baana baffe n'abaagalwa baffe.
- Tusaba okufuna amagezi ag'okunoonya, okutegeera, wamu n'okugoberera Ekigambo kya Katonda. Tuyigirize engeri ennungi ey'okugabanyaamu ebigambo eby'amazima n'okubigabana n'abalala mu bwesigwa.
- Ai Mukama, tukusaba ozze buggya okusiima kwaffe eri ebiragiro ebisangibwa mu biwandiiko ebirunjamu ebya Ellen White.
- Tusabira eddembe ly'okusinza n'ebbeetu ly'obwesimbu okwetoloola ensi yonna. Ai Mukama, tukusaba otuggulirewo enzigi ez'okusaasaanya Ekigambo Kyo mu mabendobendo agatakkirizibwaamu njiri.
- Ai Mukama, tusabira ekanisa Yo mu nsi yonna okukkiriza okukoowoolwa kw'okubunyisa obubaka bwa Bamalayika Abasatu eri buli ggwanga n'olulimi. Tulage engeri gye tuyinza okuzimbira eby'okuyiga bino ku kwagala n'obutuukirivu bwa Kristo.
- Ai Mukama, tuyambe okusobola okulaga abavubuka baffe ne ba-musaayi-muto ku ngeri okutambulira mu bubaka obwa Bamalayika Abasatu bwe kubeera kulabika.
- Ai Mukama, Abadiventi bonna okwetoloola ensi ka balangirire nti "Nja Kugenda" era bayanukulire okukoowoolwa okukuweereza n'okubunyisa amawulire amalungi ag'obulokozi.
- Tusabira abakugu mu by'obujjanjabi, banna-sayansi, abakulembeze mu gavumenti, n'abaweereza mu by'obulamu okubeera n'amagezi olw'okusalawo okungi kwe bakola.
- Tusabira Abadiventi okwetoloola ensi yonna okuwaayo obuyambi n'okuzzaamu abantu amaanyi abayita mu kubonaabona. Tuwe obuvuma, obuyiyya, n'omwoyo ogw'obuteerowoozaako nga baliraanwa baffe balina obwetaavu obuyitiridde.
- Tusabira abantu bonna abafiiriddwa emirimu gyabwe olw'enkyukakyuka mu by'enfunu.



- Ai Mukama, tukwegayirira okulaga bammemba b'ekkanisa engeri gye basobola okuyambamu abantu abatawaanyizibwa n'obulwadde bw'emitwe oba okuboolebwa.
- Tusabira abasumba n'amakanisa okuzuula engeri ez'enjawulo ez'okukuumira bammemba b'ekkanisa mu kunyiikira okusabira awamu. Ai Mukama, tukusaba okukunŋaanya ekkkanisa yo mu kusinza n'obuweereza.
- Tusabira okudda obuggya mu by'omwoyo eri ba-musaayi-muto ab'ekkanisa ya S.D.A abali mu matendekero ne mu zi ssettendekero mu nsi yonna. Tubasabira okufuuka abakiise ba Kristo ab'omuzinzi.
- Tusabira ebitundu 69% eby'obungi bw'abantu mu nsi yonna abatannaba kufuna bubaka bukwata ku Yesu.
- Tusabira abantu abawera obukadde 62 abali mu bibuga 28 ebitatuukibwaamu mangu nga biri mu bbandobendo eryali liyitibwa Soviet Union (Euro-Asia Division).
- Tusaba Katonda okuyimusa abaminsane abavumu abeteefuteefu okukolera ebibiina by'abantu 746 mu mawanga 20 aga Middle East.
- Ai Mukama, tusaba oyimuseeyo abayizi mu kkowe ery'Abawaludensiya ab'ekiseera kino nga beetegefu okukuweerereza mu bifo ebirimu obusandali.
- Tusabira bammemba Abadiventi abayita mu kuyigganyizibwa oba okusibibwa olw'enzikira zaabwe.
- Tusabira abantu obukadde 202 abali mu bibuga 41 ebituukibwamu ekitono ennyo mu bulabirizi bwa Asia-Pacific Division basobole okumanya Yesu.
- Tusabira Ekitongole eky'Essomero lya Ssabbiiti/Eby'enjiri ekya buli ssinzizo nga kinoonya enteekateeka ya Katonda n'okufuluma okukola omulimu mu bitundu ekkkanisa mwe zitudde okuyita mu buweereza obw'okwagala, okuyiga Bayibuli, wamu n'okubuulira kwa ssekinnomu.
- Tusabira ekibiina kya Adventist Development and Relief Agency (ADRA) nga kifuba okwanukulira obwetaavu bw'abantu mu nsi yonna.
- Tusabira abantu obukadde 16 mu bibuga 6 ebitatuukikamu mangu ebiri mu bulabirizi bwa South Pacific Division.
- Tusaba okufuna Omwoyo Omutukuvu atuyambe okumanya engeri gye tuyinza okutuuka ku bantu abawera obukadde 406 mu bibuga 105 ebitatuukikamu mangu nga biri mu bulabirizi bwa Northern Asia-Pacific Division.
- Ai Mukama, tukusaba owe omukisa Adventist Chaplaincy Ministries mu buvunaanyizibwa obw'okukungu abasumba b'ebitongole n'abaagala okukola obuweereza mu makomera.
- Ai Mukama, tusabira abasomesa baffe ab'Essomero lya Ssabbiiti basobole okumanya nga omulimu gwabwe bweguli omukulu ennyo eri abaana baffe.
- Ai Mukama, tusaba obulagirizi bwo mu nsonga ey'okuteekayo ebifo eby'okugasizaamu abantu (Centers of Influence), enteekateeka z'eby'obulamu n'amaka, n'ebibiina bya Pathfinder okwetoolola ensi yonna.
- Ai Mukama, bambi tulage engeri gye tusobola okutuusaamu obubaka obujjudde amazimu (mu kyapa ne mu mayengo) ku bantu abali mu bitundu gye tuwangaalira. Tusabira abantu be tubuwa okubeer nga babusoma era Omwoyo Omutukuvu annyikize amazima ga Bayibuli mu mitima gyabwe.
- Ai Mukama, tusaba obukuumi bwo okubeera ku baminsane abakolera mu bifo eby'obulabe ennyo.

- Tukwegayirira oyimuse ababuulizi b'enjiri y'ebitabo, abayizi bannakyeewa, abawandiisi, abakugu mu by'empeereza ku mpewo, wamu n'abawagizi mu by'ensimbi okusobola okubunyisa ebigambo eby'essuubi n'obulamamu.
- Tusabira amasomero g'ekkanisa y'Abadiventi, abayizi, n'abasomesa bonna okwetooloola ensi. Tusaba amasomero gano gayigirize mu amazima ga Bayibuli mu bwesigwa, wamu n'okuyambako abavubuka okwettanira omulimu, obuweereza, n'okubeera n'enkolagana ey'okulokolebwa nga bali ne Kristo.
- Ai Mukama, tukusaba amagezi ag'okutuukirira obuwangwa obw'enjawulo obutalina bwetaavu mu by'enzikiriza. Ka Omwoyo Omutukuvu amenyewo ebisenge ebyetoolodde emitima egitakkiriza.
- Otuwe omukisa nga okukola omulimu eri abasibiddwa mu kusinza emizimu, ebifaananyi, n'enzikiriza ez'ebisolo. Tuyambe okumanya engeri gye balabamu ebintu n'okutuyinzisa okubaleeta eri Omulokozi.
- Ai Mukama, yamba Abaseveniside Abadiventi okwetoolola ensi yonna okusaba nga bwe batasabangako. Otuyigirize okukaayanira ebisuubizo Byo n'okukulindirira okuggyawo ensozi nga tusabye.
- Tusabira ebibinja by'abantu 541 ebiri mu nsi 18 ez'obulabirizi bwa Southern Africa-Indian Ocean Division, osobole okubayamba okutuuka ku mazima aga Bayibuli.
- Tusaba otulage engeri gye tusobola okwanukuliramu obwetaavu bw'abanoonyi b'obubudamu obw'eby'omwoyo n'omubiri. Ekkkanisa yaffe k'emanyibwe olw'okwagala kwaffe eri abantu bonna awatali kusosola okusinziira gye bava na kyebali.
- Tukusaba oyimuse abaminsane ab'omu bibuga abasobola okuteekawo amakanisa eri ebibinja by'abantu 806 mu nsi 38 eziri mu bulabirizi bwa Inter-European Division.
- Bambi yimusaayo eggye ly'abakozi erijja okuteekawo amakanisa eri ebibinja by'abantu 948 abali mu mawanga 38 ag'omu bulabirizi bwa Inter-American Division.
- Tukusaba otuyigirize butya bwe tulina okubunyisa ebikulu ekkkanisa by'ekkiriza nga bitegeerekeka bulungi, wakati mu buyiia obw'ekitalo, wamu n'obwerufu obwa Bayibuli. Ka okwagala kwa Yesu kubeerenga nnamuziga okwetooloolera buli nsonga gye tukkiriza.
- Ai Mukama, tegeka ba musaayi-muto okusobola okuzimba amakanisa eri ebibinja by'abantu 789 abali mu nsi 9 ez'omu bulabirizi bwa North American Division.
- Tukusaba oteeketeke bannakyeewa abaawereza ebibinja by'abantu 70 ebiri mu bulabirizi bwa Israel Field.
- Tukusaba oyimuse abaminsane abasawo abanassaawo amakanisa eri ebibinja by'abantu 830 mu nsi 11 eziri mu bwa Ssabulabirizi obwa East-Central Africa Division.
- Tukusaba okuyimusaayo bannaggwano mu kusaba olw'okusobola okusabira ebibinja by'abantu 2,568 nga bali mu nsi 4 eziri mu bulabirizi bwa Southern Asia Division.
- Tusaba oganye amaka gaffe okwolesa okwagala Kwo gye tubeera ne mu bitundu gye tuwangaalira. Tukusaba oleetewo okukwatagana mu maka, okuddaabiriza enkolagana ezidobonkanye, okukuuma abawejjere eri effujjo, n'okwolesa obuyinza Bwo obutukuza wakati mu mbeera ezitalabikamu ssuubi.
- Tukusaba oyimuse abajjanjabi n'abasawo okuteekawo amakanisa eri ebibinja by'abantu 1,978 nga bali mu mawanga 22 eyo mu bulabirizi bwa West-Central Africa Division.

- Tusabira abantu abawera obukadde 49 nga bawangalira mu bibuga ebizibu okutuusaayo enjiri nga bigwa mu bulabirizi bwa Trans-European Division.
- Tusabira abaana baffe. Bambi tukusaba obawe amaanyi okusobola okuyimirira n'embavu ku lulwo wakati mu kwenjanga emiziziko n'obunkenk. Bayambe basobole okukola okusalawo okw'amagezi wamu n'okuyimirira ku mazima.
- Tuyigirize okutambulira mu ky'okulabirako kya Kristo eky'obuteerowoozaako nga twanukulira obwetaavu bw'abantu abatuliraanya obwa bulijjo. Tuwe ebikozesebwa nga tuweereza ng'abaminsane abasawo, bannakyeewa ku byalo, n'ab'emikwano eri abali mu bwetaavu.

# Naye Ggwe bw'Osabanga ...

## OLUNAKU 1 – MUBEERA MU NZE

"Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera mu Nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali Nze temuliiko kye muyinza kukola" (Yokaana 15:5).

### Enkwatagana ey'Olubeerera – Akakwakkulizo Akakulu mu Kubala Ekibala

Oluvannyuma lwamatikkira, nayitibwa okugenda mu bulabirizi obutono obwalimu amasinzizo asatu amatono. Erim uku masinzizo lyali lisinga kubeeramu bammemba abakuliridde mu myaka. Ku Ssabbiiti emu ennungi ennyo, okugeza nga ey'enteekateeka ya Ssekukkulu twasobola okuwezaawo abantu 40. Ate ku Ssabbiiti embi, nga tuwezaawo abantu 10.

Ku Ssabbiiti emu bw'ali buddenga bunnyogovu nnyo, nga amadaala -32°F ku olwo abantu 9 bokka be baasobola okukiika: amaka gange agalimu abantu abana wamu n'abantu abalala bataano. Nawalirizibwa okwebuuzza oba mazima ddala kinjwanira okubuulira ku olwo, wabula omukadde omukulu nga mukazi atengejjera mu myaka 90 kwe kunjamba nti, 'Oteekeddwa okubuulira, kubanga tuwa ekimu eky'ekkami.' Era nabuulira.

Nabuulira nga obubaka mbusimbuliza mu Yokaana 15:4-8. Mu nnyiriri zino Yesu addamu ebigambo bino nti, "Mubeere mu Nze" emirundi esatu. Bakira mu buwangwa bwa Bayudaaya, ekigambo bwe kiddibwaamu emirundi esatu kibeera ky'amakulu nnyo, era nga kya nsonga ddala. Nnakikkaatiriza nti kye tukola mu bulamu bw'Obukristaayo si kyekikulu ennyo, era ng abwe twayitibwa okuweereza, tewalibeerawo bibala nga biva mu ntuuyo zaffe. Wabula Yesu yatuwa Ekigambo Kye nti bwe tusigala mu Ye, buli kye tunaasabanga kijja kukolebwa. Mpaawo kubuusabuusa kwonna; obukakafu bw'obuwanguzi bwa mazima.

Kyennava ntegeeza abawuliriza nti, "N'olw'ekyo, ensonga teri ku kye tusobola kukola, wabula ensonga eri ku Katonda ky'asobola okukola ne wabeerawo enjawulo."

Omuwandiisi Ellen G. White akinogaanya bulungi nti, "Obusobozi bw'olina kaakano, oba bw'olifuna sib we bugenda okukufunyisa obuwanguzi. Wabula ekyo Katonda ky'asobola okukukolera ky'ekireetawo enjawulo. Tulina obuteesigama ku busobozi bwa muntu yenna, wabula obwesige bwaffe businge kubeera nnyo mu ekyo Katonda ky'asobola okukolera buli mmeeme ekkiriza" (*Christian Service*, p. 262).

Ekiyibwa kyange ekitono nakitegeeza nti okusaba "bwe buyinza bw'omwoyo obw'ekyama" (*Prayer*, p. 12). Okusaba kutuyunga ku "Nsibuko ey'Amaanyi" (*Prayer*, p. 272). Okusaba kutuggulirawo eri "obuvujjirizi bwa Katonda obutasalako" (*Steps to Christ*, p. 95). Ky'eky'okulwanyisa nnamuzisa eri enkwe za Setaani (*Testimonies for the Church*, vol. 1 pp. 295, 296, 345, 346).

Nababuulira ku kisuubizo Yesu kye yawa mu Matayo 18:19, 20. "Nate mbagamba nti Oba bannammwe babiri bwe beetabanga ku nsi buli kigambo kyonna kye balisaba, kiribakolerwa Kitange ali mu ggulu. Kubanga we baba ababiri oba abasatu nga bakunjaanye mu linnya lyange, nange ndi awo wakati waabwe." Tekisoma nti "200 oba 300 bwe basaba" wabula "2 oba 3 bwe

basaba" ekintu kyonna mu kukkaanya, era mu bumu. Ate era tekisoma nti "Nnyinza okukikola" wabula kikiggyayo bulungi nti "Nja kukikola."

Nategeeza abaali bampuliriza abatono nti, "Obutabeerako na kye tukola si kya kyeyagalire. Tulina okusaba wamu n'okusaba, era Katonda mwesigwa nti ajja kuleetawo ebibala nga bwe yasubiza." Bw'ali bubaka bwa maanyi nnyo ku nsonga y'obuyinza obw'okusaba.

Nga tuli ne mukyala wange mu motoka tuddayo ewaka, namutegeeza nti "Kitwetaagisa okuva mu kifo kino, kubanga sirina ssuubi lya kukula yadde ekintu kyonna mu kkanisa eno." Kye yakola kwe kunziriramu buto obubaka bwange n'ekisuubizo kya Yesu n'ambuuza nti, "Lwaki tobayita okubeeranga n'okusaba?" Bwentyo nno nakikola naye nga neesisigiriza. Abakyala abo abatono bajjanga buli ku makya ku ssaawa kkumi na bbiri n'ekitundu (6:30 a.m.) okusabiranga awamu olw'Omwoyo Omutukuvu, okukula kw'ekkanisa, amaka, ekibuga, enteekateeka ya Katonda ku lw'ekkanisa yaffe, wamu n'obutangaavu ku kiki kye twetaaga okukola. Nga wayise emyeezi esatu, ekkkanisa yali ajjuza abantu 120.

Katonda akuyita okusigala nga oli mu Ye, okusabanga obutakoowa, obutamwekutulako, wamu n'okutambulanga naye. Akuyita okubeera mu Ye, era olina okumuyitanga buli lunaku okubeera mu ggwe. Eyo y'ensibuko yo yokka ey'obuyinza obw'amazima. Obwo bwe bukuumi bwo bwokka. Gy'okoma okubeera nga oyungibbwa ku Katonda, Setaani tabeera na buyinza ku ggwe. Kristo ng'ali mu ggwe naawe nga oli mu Ye ly'ekkubo lyokka erikutuusa ku kukula n'obuwanguzi ebya nnamaddala.

Ka tusabire wamu.

### **Ekiseera ky'Okusaba (Eddakiika 30 – 45)**

*Ebibinja by'okusaba byonna birina engeri ez'enjawulo ez'okusabira ewamu. Tubakubiriza okuwaayo eddakiika eziddako 30 – 45 mu kusaba okw'awamu, okusinziira ku ngeri Omwoyo Omutukuvu gy'anaabakulemberamu. Tubakubiriza okubeera n'essaala ennyimpi ez'okunyumyaamu (mu nnyiriri ezitasukka 3), kubanga kino kiwa buli omu omwagaanya ogw'okusaba emirundi egiwerako. Tulina eby'okulabirako eby'okusabira mu Byawandiikibwa wammanga okusinziira ku mulamwa gw'olunaku. Musobola okusaba nga mweyambisa ebiwandiiko ebirala wamu n'okugattamu ensonga endala mu kiseera kyammwe eky'okusaba. Mweyambise ku Ndagiro y'Omukulembeze ne Ensonga ez'Okusabira ez'Ekkkanisa mu Nsi Yonna okusobola okufunayo ku birowoozo.*

### **Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Yokaana 15:5**

"Nze muzabbibu; mmwe matabi. Abeera mu Nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali Nze temuliiko kye muyinza kukola."

**"Abeera mu Nze, nange mu ye"**

*Ai Yesu, tuyigirize engeri gye tuyinza okubeera mu Ggwe bulijjo. Wootali, tubeera ng'amatabi agakaze nga gaawukanyizibwa ku muzabbibu oguwa obulamu. Tambula naffe, kolera mu ffe, era oyogerere mu ffe. Bambi tukusaba obukale mu mitima gyaffe era oyagala ensi nga oyita mu ffe.*

### **"Oyo abala ebibala bingi"**

*Ai Mukama, tukimanyi nti obutuukirivu bwonna buva eri Ggwe. Kuza ekibala eky'Omwoyo mu bulamu bwaffe. Tujjuze okwagala Kwo, essanyu, emirembe, okusaasira, obulungi, n'okwefuga. Ka obulamu bwaffe bwolese ekikula Kyo ekitaliiko bbala eri abantu bonna be tusingana nabo.*

### **"Kubanga Awatali Nze temulina kye muyinza kukola"**

*Ai Mukama, obutuukirivu bwaffe bulinga enziina ezikongedde. Tumenya ebisuubizo byaffe, twesittaza abalabe baffe, wamu n'okulyamu olukwe abo be twagala. Wootali, tuba mu buteeyinza n'okubula. Twetaaga okwagala Kwo, obugumiikiriza Bwo, wamu n'ekisa Kyo mu mitima gyaffe bulijjo. Tuumirenga kumpi naawe ku luuyi Lwo.*

### **Ebirowoozo Ebirala ku Kusaba:**

**Okwebaza n'Okutendereza:** Muweeyo okwebaza olw'emikisa egy'enjawulo wamu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

**Okwatula:** Waayo eddakiika entonotono okwatula mu kyama wamu n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

**Okulungamizibwa:** Saba Katonda akuwe amagezi eri ebisoomooza n'okusalawo okw'ekiseera kino.

**Ekkansa Yaffe:** Sabira ebyetaago by'ekkanisa ey'omu bbandobendo n'ensi yonna (tunula ku lukalala olwawule okuli eby'okusabira).

**Eby'okusabira Ebyaffe:** Sabira ebyetaago bya bammemba b'ekkanisa, amaka ne baliraanwa.

**Okuwuliriza n'Okwanukula:** Waayo ekiseera okuwuliriza eddoozi lya Katonda n'okwanukula okuyita mu kutendereza oba okuyimba.

### **Ebirowoozo ku Nnyimba:**

Beera Nange - #90 (SDA Hymnal, #90)

Ompise Yesu - #144 (SDA Hymnal, #306)

*In the Garden – SDA Hymnal, #487*

*Into My Heart; As the Deer; Open My Eyes, Lord; Unto Thee, O Lord.*

# Naye ggwe bw'osabanga . . .

## OLUNAKU 2 – TUYIGIRIZE OKUSABA

“Awo olwatuuka bwe yali ng’ali mu kifo ng’asaba, bwe yamala, ku bayigirizwa be omu n’amugamba nti Mukama waffe, tuyigirize okusaba.”

### Omutima gw’Obulamu Obukristaayo

Okusaba kukulu, ate era kwa nsonga nnyo.

“Buli lw’ozuukuka ku makya, waayo ekiseera okutandika by’okola n’okusaba. Tokembwa kulwooza nti ebiseera bino kuba kumala budde; bwe budde obujja okubeera obw’olubeerera okuyita mu mirembe egitaggwaawo. Mu nkola eno mwe tujja okufunira obuwanguzi n’engule mu by’omwoyo” (*Testimonies for the Church*, vol. 7, p. 194).

Abayigirizwa baalabanga Yesu ng’asaba, era ne bakyetegereza nga yalina obulamu bw’okusaba obwawukanira ddala ku bwabwe. Abayigirizwa baali bantu ab’omwoyo abalungi ennyo, bakira nga balina emitima egyewaddeyo n’okwagala okuweereza Katonda. Baagendanga ku kkanisa, baakumanga Ssabbiiti, ne bkomyangawo ekimu eky’ekkumi mu bwesigwa, wamu n’obutalya bitali birongoofu. Buli muntu mu Yisiraeri yali amanyi okusaba, naddala abayigirizwa, si wewaawo?

Tulwooza nti tumanyi okusaba, nga mwattu n’abaana bamanyi okusaba. Naye abayigirizwa bwe baalaba nga Yesu asaba – ne bageraageranya essaala zaabwe ku zize – baakizuula nti tebamanyi kusaba. Eyo y’ensonga lwaki baagamba nti, “Tuyigirize okusaba” (Lukka 11:1).

Tugenda ne tukitwaala nti okusaba kwangu nnyo, ate nga eky’amazima kiri nti Katonda ajja kuwuliriza essaala ennyangu. Wabula tuteekeddwa okusigala nga twongera omutindo ku bulamu bwaffe obw’okusaba.

Abayigirizwa baakizuula nti baalinga babuulira eri abantu, naye nga mpaawo kukwatibwaako kwonna. Baagezangako okuwonya wamu n’okugoba emizimu, naye nga obuyinza baabuwe tebabulina. Kye baava babuuzza Yesu nti, “Ggwe okikola otya?” Yesu n;abaddamu nti, “Kuyita mu kusaba na kusiiba.”

Yesu ky’ategeeza kiri nti tewali kiyinza kukolebwa mu magezi go; bisoboka kuyita mu buyinza bwa Katonda mwokka. Bw’obeera wa kufuna buwanguzi, oteekeddwa okunyiikirira ddala mu kusaba. Mu kitabo kya Abaluumi, Pawulo agamba nti Omwoyo Omutukuvu alina okwegayirira ku lwaffe kubanga tetumanyiddeeko ddala kusaba (Abaluumi 8:26).

“Okusaba gwe mukka eri emmeeme. Ky’ekyama eky’obuyinza obw’omwoyo. ... Mu kulagajjalira okusaba, oba okwenyigira mu kusaba awatali kufaayo nnyo nga kukolebwa mu ngeri ya kyeygalire nga bw’obeera osobodde, okomekkereza tokyali bumu na Katonda” (*Prayer*, pp. 12, 13).

Yesu yalina obulamu obw’amaanyi ennyo mu kusaba era nga oluusi amala ekiro kiramba ng’asaba. “Yesu kennyini bwe yali ng’awangaalira mu bantu, yasabanga. ... Ye ky’eky’okulabirako kyaffe mu bintu byonna. ... Embala ye ey’obuntu yafuula okusaba ekyetaago era omukisa. Essanyu lye lyavanga mu kutabagana ne Kitaawe. Bwekiba nga

Omulozi w'abantu, era Omwana wa Katonda yawuliranga nga kyetaagisa okusaba, nga kyandisinzeewo nnyo eri ffe abonoonyi abajjudde obunafu okwetanira okusaba okutasalako” (*Steps to Christ*, pp. 93, 94).

Yesu yasoosowazanga okusaba mu bulamu bwe, ekintu kye yasookerangako nga emmambya tennaba kusala. “Awo mu makya ennyo, nga bukyali kiro, n’agolokoka n’afuluma n’agenda mu ddungu, n’asabira eyo” (Makko 1:35). Yesu yalina ekiseera n’ekifo we yasabiranga.

Abayigirizwa bwe baagamba nti, “Tuyigirize okusaba,” Yesu teyabagamba nti, “Musabenga n’ebigambo bino,” nga ekikwaate. Mu butuufu yabagamba bulungi obutaddiŋŋana mu bigambo buli lwe balibeera mu kusaba (Matayo 6:7). Ne Yesu kennyini yasaba essaala efaananako obulala in Yokaana 17 ng’asinziira ku bwetaavu obwaliwo mu kiseera ekyo.

“Okusaba kwe kweyabiza Katonda nga bwekiba eri mukwano gwo” (*Steps to Christ*, p. 93). Bwe tubeera mu kusaba, twanjuluza emitima gyaffe eri Katonda nga tunyuma mu bwesimbu ng’abali mu kuwayaamu. Bw’oddiŋŋana ebigambo by’ebimu buli lw’osaba, kibeera kija kufuuka luwalo era ofundikire nga tolowoozezza ku by’oyogera.

Okusaba n’okuyiga Ekigambo birina okutambuliranga awamu, kubanga tubeera twogera eri Katonda okuyita mu kusaba; ate Katonda n’ayogera gyetuli okuyita mu Kigambo.

Yesu yatambuliranga mu bulamu obw’okusaba. Yasabanga ku makya ennyo, ng’agenda mu kifo eky’okusabiramu era naanyumyanga bulungi ne Katonda. Ye ky’eky’okulabirako kyaffe, era atuyita okusaba nga bwe yasabanga.

Ka tusabire wamu.

### **Ekiseera eky’Okusaba (Eddakiika 30 - 45)**

*Ebibinja by’okusaba byonna birina engeri ez’enjawulo ez’okusabira awamu. Tubakubiriza okuwaayo eddakiika eziddako 30 – 45 mu kusaba okw’awamu okusinziira ku ngeri Omwoyo Omutukuvu gy’anaabakulemberamu. Tubakubiriza okubeera n’essaala ennyimpi ez’okunyumyamu (mu nnyiriri ezitasukka 3), kubanga kino kiwa buli omu omwagaanya ogw’okusaba emirundi egiwerako. Tulina eby’okulabirako eby’okusabira mu Byawandiikibwa wammanga okusinziira ku mulamwa gw’olunaku. Musobola okusaba nga mweyambisa ebiwandiiko ebirala wamu n’okugattamu ensonga endala mu kiseera kyammwe eky’okusaba. Mweyambise ku Ndagiro y’Omukulembeze ne Ensonga ez’Okusabira ez’Ekkansa mu Nsi Yonna okusobola okufunayo ku birowoozo.*

### **Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Lukka 11:1**

“Awo olwatuuka bwe yali ng’ali mu kifo ng’asaba, bwe yamala, ku bayigirizwa be omu n’amugamba nti Mukama waffe, tuyigirize okusaba”

**“Awo olwatuuka bwe yali ng’ali mu kifo ng’asaba”**

*Ai Kitaffe, tuyigirize okusaba nga Yesu bwe yakolanga. Tusobya nga tuyita mu kwekwaasa, okuwugulibwa wamu n’okumalibwaawo eby’okukola ebitaggwa. Tuyambe okulondawo ekiseera*



*n'ekifo ebisingako obulungi okukusisinkananga buli lunaku. Kyuusa mu bye tusoosowaza era tufune empisa empya ezisobola okutukulemberamu okututuusa mu maaso Go.*

**“Mukama waffe, tuyigirize okusaba”**

*Yee, ai Mukama, tulage engeri ey'okusaba nga bwe walaga abayigirizwa. Tusiima olw'eky'okulabirako ekirungi eky'Essaala ya Mukama waffe. Tulage engeri gye tusobola okusengekamu essaala zaffe wamu n'obulamu bwaffe mu kifaananyi Kyo. Otujjuze Omwoyo Omutukuvu, era okozese essaala zaffe mu kukuusa amaka gaffe, ekkansa yaffe, ebitundu byaffe, wamu n'Obwakabaka Bwo.*

**Ebirowoozo Ebirala ku Kusaba**

***Okwebaza n'Okutendereza:*** Muweeyo okwebaza olw'emikisa egy'enjawulo wamu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

***Okwatula:*** Waayo eddakiika entonotono okwatula mu kyama wamu n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

***Okuluggamizibwa:*** Saba Katonda akuwe amageziera ebisoomooza n'okusalawo okw'ekiseera kino.

***Ekkansa Yaffe:*** Sabira ebyetaago by'ekkanisa ey'omu bbandobendo n'ensi yonna (tunula ku lukalala olwawule okuli eby'okusabira)

***Ensonga Zaffe ez'Okusabira:*** Sabira ebyetaago ebiriwo kaakano ebya bammemba b'ekkanisa, amaka, ne baliraanwa.

***Okuwuliriza n'Okwanukula:*** Waayo ekiseera okuwuliriza eddoozi lya Katonda n'okwanukula okuyita mu kutendereza oba okuyimba.

**Ebirowoozo ku Nnyimba:**

Kye Kiseera ky'Okusaba - #135 (*SDA Hymnal*, #478)

Tulina Omukwano Gwaffe - #130 (*SDA Hymnal*, #499)

“Otuwulire”

*Seek Ye First; Turn Your Eyes Upon Jesus; In Moments Like These.*

## **Naye ggwe bw'osabanga . . .**

### **OLUNAKU 3 – BEERA N'ESSIRA**

“Nammwe bwe musabanga, temuddinjananga mu bigambo, ng'ab'amawanga bwe bakola: kubanga balowooza nga banaawulirwa olw'ebigambo byabwe ebingi. Kale, temufaanana nga bo: Kubanga Kitammwe amanyi bye mwetaaga nga temunnaba kumusaba” (Matayo 6:7, 8)

### **Londobayo eky'Okuteekako Essira mu Kusaba**

Mutabani waffe ayitibwa Ovidiu yagula ennyumba ku bbeyi ya nseko-buseko, wabula nga yali mu mbeera mbi nnyo ate nga ntono. Kye yalina okukola kwe kugiddaabiriza awamu n'okugigaziya okusobola okugya mu bwetaavu bw'amaka ge. Eky'ennaku, emiwendo gy'ebintu gy'ali gyekananye, bwatyo buli kiseera n'awulirwanga ng'agamba nga bwatajja kusobola kumaliriza mirimu gyayo olw'ebbula ly'enismbi.

Nagamba Ovidiu okutuusa ebyetaago bye eri Katonda kubanga afaayo nnyo okubimalawo. Yanziramu nti yalinga asabira ennyumba yonna wamu nga mpaawo kukutulamu oba okwawulamu ensonga ku ndala ez'awamu.

Namusaba abeereko ne ky'asabira nga kyeyawudde ku bingi mu kiseera eky'okusaba, so si kusabira nsonga gy'ayinza okwetaaga mu mwezi oguddirira oba olunaku lw'enkya, wabula okusabira obwetaavu bwa leero mu lunaku lwa leero. Katonda ayanukulu mu ngeri ez'enjawulo okuyita mu ssaala ez'enjawulo. Katonda tayanukula ssaala za lukale.

Togenda mu maaso ga Katonda n'otandika okugamba nti, “Ai Mukama, lokola baliranwa bange.” Wabula, oyinza okugamba nti, “Ai Kitange, negayirira ku lwa muliranwa wange ayitibwa Yokaana. Bambi nkusaba okyuuse omutima gwe. N'era nkusaba ompe amagezi n'empenda ez'okweyambisa mu kuzimba omukwano wamu naye beppo n'okumubuulira amawulire amalungi ag'enjiri ya Kristo.”

Makko 10:47 watulaga Battimaayo ng'asaba Yesu obuyambi, bwe yalaajana nti, “Omwana wa Dawudi Yesu, onsaasire!” Eyo y'essaala eya kayoola. Naye bw'okkirira wammanga mu lunyiriri 51, tulaba Yesu ng'amusaba okubeerako ensonga ey'essiimba nti, “Oyagala nkukole ntya?” Batimaayo kwe kumwanukula nti, “Labooni, njagala nzibule.”

Bwe nzirayo ku mbooji yange – mutabani waffe yatandika okusabiranga ensonga ennondebe, era n'asaba Katonda okumuyamba okufuna ekibinja ekinaasima ekinnya ky'omusingi gw'ennyumba. Oluvannyuma yatandika okunoonyereza, naye nga buli baafuna babeera baabekwaata dda emyezi egiyise, ate nga bonna basaba ensimbi ezigwa wakati wa \$16,000 - \$22,000. Lwaddaaki yasobola okubeerako ne baalamuzaganya nabo okutuuka ku muwendo gwa \$16,000 bajje mu ddima-nsi eddako okutandika okusima.

Akulira abakozi yajja, naye ebikozesebwa eby'amaanyi ne bitalabikako yadde. Bwe baalindirira okumala amakya gonna, akulira abakozi kwe kukoowa era n'amugamba nti tajja kusobola kudda okumala emyezi esatu, bwatyo n'agenda. Mutabani waffe yasoberwa, kubanga yali talina kya kuzzaako.

Oluvannyuma lw'ebyo, Ovidiu yasaba Katonda okumuwa ekibinja eky'okusima ekinnya mu bwangu obw'ekitalo, ate ku miwendo gy'ensimbi emirungi. Bwe yafundikira okusaba kwe, muliraanwa we kwe kusembera gy'ali.

Muliraanwa: "Bigenda bitya?"

Ovidiu: "Ndi bulungi. Lwakuba ndi mu kunoonya bakozi ba kunsimira kinnya kya musingi gwange."

Muliraanwa: "Si wabi, nninawo abakozi abali mu kunsimira ekinnya ky'ennyumba yange kaakano. Babuuze, osanga banaakuyamba ne ku kikyoo."

Ovidiu yadduka embiro okusobola okubasaba okumuyambako.

Akulembera abakozi: "Si wabi, okuva lwe kiri nti weetuli n'ebikozesebwa byaffe eby'amaanyi, tugenda kujja mbagirawo oluvannyu lw'okukomekkereza omulimu guno gwe tuliko."

Ovidiu: "Osobola okujja n'onsiigiramu ku kifaananyi?"

Akulembera abakozi bwe yeetegereza omulimu nga bweguli, kwe kumugamba nti, "Nja kugukolera \$2,500 zokka."

Essanyu lyabugaana Ovidiu! Kubanga yakizuula nti Katonda yali yamutegekedde dda eky'okuddamu, ng'alinze Ovidiu okukimusaba.

"Okusaba kwe kuggulibwaawo kw'omutima eri Katonda nga omuntu ne mukwano gwe" (*Steps to Christ*, p. 93). Katonda akwaniriza okubeerako by'anyumya naawe, osobole okumutuusaako obwetaavu bwo nga ensonga nambululukufu ate nga nnondobe bulungi. Ayagala obeere n'okukkiriza mu Ye, nga osuubira okuddibwaamu okusinziira ku kwagala Kwe, amagezi, n'ebisuubizo. Ajja kwanukulira mu ngeri Ye ate mu budde Bwe, naye kasita onoolindirira nga okukkiriza kwo kuli mu Ye, ojja kumanya nti okwanukula Kwe kwe kusinga ku kulala kwonna.

Ka tusabire wamu.

### **Ekiseera eky'Okusaba (Eddakiika 30 - 45)**

*Ebibinja by'okusaba byonna birina engeri ez'enjawulo ez'okusabira awamu. Tubakubiriza okuwaayo eddakiika eziddako 30 – 45 mu kusaba okw'awamu okusinziira ku ngeri Omwoyo Omutukuvu gy'anaabakulemberamu. Tubakubiriza okubeera n'essaala ennyimpi ez'okunyumyaamu (mu nnyiriri ezitasukka 3), kubanga kino kiwa buli omu omwagaanya ogw'okusaba emirundi egiwerako. Tulina eby'okulabirako eby'okusabira mu Byawandiikibwa wammanga okusinziira ku mulamwa gw'olunaku. Musobola okusaba nga mweyambisa ebiwandiiiko ebirala wamu n'okugattamu ensonga endala mu kiseera kyammwe eky'okusaba. Mweyambise ku Ndagiro y'Omukulembeze ne Ensonga ez'Okusabira ez'Ekkansa mu Nsi Yonna okusobola okufunayo ku birowoozo.*

**Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Matayo 6:7, 8**

“Nammwe bwe musabanga, temuddinjnananga mu bigambo, ng’ab’amawanga bwe bakola: kubanga balowooza nga banaawulirwa olw’ebigambo byabwe ebingi. Kale, temufaanana nga bo: Kubanga Kitammwe amanyi bye mwetaaga nga temunnaba kumusaba”

### **“Temuddinjnananga mu bigambo”**

*Ai Katonda, otuyigirize okwogera naawe nga ow’Omukwano. Oluusi essaala zaffe zifundikira zifuuse ezitayawukana mu bigambo, era ne bitasobola oba oli awo na kusukka ku kasolya. Otuzuukuse mu by’omwoyo! Otuyambe okumanya nti w’oli ddala ku mabbali gaffe.”*

### **“Kubanga Kitammwe amanyi bye mwetaaga”**

*Ai Mukama, omanyi buli nsonga etukwatako. Omanyi okutya kwaffe, essubi lyaffe, amaanyi gaffe, wamu n’obunafu bwaffe. Twettanira nnyo okusabira ensonga ennyangu nga emmere oba ensimbi oba obuwanguzi, so nga ekituufu omanyidde ddala obwetaavu bwaffe obw’ebuziba. Tukwebaza olw’okubeera nti Omwoyo yegayirira ku lwaffe n’okusinda okutasobola kwatulibwa na bigambo byaffe. Tukwesiga okutwanukula mu ngeri ze tutasobola na kufumiitiriza!*

### **Ebirowoozo Ebirala ku Kusaba**

- Okwebaza n’Okutendereza:*** Muweeyo okwebaza olw’emikisa egy’enjawulo wamu n’okutendereza Katonda olw’obulungi Bwe.
- Okwatula:*** Waayo eddakiika entonotono okwatula mu kyama wamu n’okwebaza Katonda olw’okusonyiwa Kwe.
- Okuluggamizibwa:*** Saba Katonda akuwe amageziri ebisoomooza n’okusalawo okw’ekiseera kino.
- Ekkalisa Yaffe:*** Sabira ebyetaago by’ekkanisa ey’omu bbendobendo n’ensi yonna (tunula ku lukalala olwawule okuli eby’okusabira)
- Ensonga Zaffe ez’Okusabira:*** Sabira ebyetaago ebiriwo kaakano ebya bammemba b’ekkanisa, amaka, ne baliraanwa.
- Okuwuliriza n’Okwanukula:*** Waayo ekiseera okuwuliriza eddoozi lya Katonda n’okwanukula okuyita mu kutendereza oba okuyimba.

### **Ebirowoozo ku Nnyimba:**

Mmanyi Gwe Nnakkiriza - #221 (SDA Hymnal, #511)

Standing on the Promises SDA Hymnal, #518)

**Ennyimba Endala:** Give Thanks; Thank You, Lord, for Saving My Soul; Count Your Blessings; He’s Able

## Naye ggwe bw'osabanga . . .

### OLUNAKU 4 – ESSAALA EZITADDIDWAAMU (N'OKUKKIRIZA)

“Naye abo abalindirira Mukama baliddamu obuggya amaanyi gaabwe” (Isaaya 40:31a)

#### Okulindirira . . .

Okulindirira tekubeera kikujjuko. Ye ani ayagala okubeera ku malindirizi, nga olindirira okulaba omusawo mu ddwaliro, nga oyimiridde mu lunyiriri olindirira okutuuka we bakukolerako, nga oli ku kisaawe ky'ennyonyi olindirira okulinyi naye nga ekeereye, oba okulindirira omuntu akeereye okutuuka mu lukiiko?!

Ibulayimu yalina okulinda okumala emyaka 25 okusobola okufuna okuddibwaamu eri essaala ye. Musa yalindirira emyaka 40 Katonda lwaddaaki n'abeerako ne kyakolawo. Yusufu yali muddu okumala emyaka mingi nga kw'ogasse n'okuyingizibwa kabula-muliro okumala emyaka emitonotono – si ky'ekifo eky'ebikujjuko w'osobolera okulindirira okwanukula kwa Katonda! Bayibuli efumbekeddemu eby'okulabirako nkuyanja ebikwatagana n'okulindirira obuyambi.

Wadde nga okulindirira kusomooza obugumiikiriza bwaffe, Bayibuli ekyoleka lunye nti okulindirira ke kamu ku bubonero bw'abantu ba Katonda. Kino ky'ekimu ne mu kusaba, bakira enfunda ezimu tubeera tulina okulindirira okuddibwaamu.

“Okwanukulibwa kujja kubaawo eri buli ssaala ey'obwesimbu. Kuyinza obutalabika nga bwe wandyetaaze, oba mu kiseera gy'okwetaagiramu; wabula kujja kutuukira mu ngeri ne mu budde obusinga okubeera obulungi eri obwetaavu bwo. Essaala z'owaayo mu kwennyika, mu kuyenjebuka, mu kugezesebwa, Katonda azaanukula bulijjo ku lw'obulungi bwo, so si nga okusuubira kwo bwe kubeera” (*Messages to Young People*, p. 250).

Bwe twewombeeka ne tutuusa obwetaavu bwaffe mu ngeri ennambulukufu era ennondobe wakati mu kwolesa okwesigama kwaffe ku Katonda, eky'amazima ayanukula. Wabula emirundi egisinga tubeera tulina okulinda. Entakera tuba tulina okukozesa buli kimu kyaffe nnnnnga Katonda tannaba kutwanukula, olwo tulyoke tumanyire ddala nti Ye y'akikoze. Singa amala n'akikolerawo, oluusi tuyinza okwegulumiza ng'abakikoze.

Bwe tutalabawo ngeri esoboka okumalawo akasandali konna, Katonda ayogera bwogezi kigambo era ekintu kye tutandifumiitirizzaako ne kiba. “Mpita, nange naakuyitaba ne nkwolesa ebikulu n#ebizibu by'otomanyi” (Yeremiya 33:3).

Wabula Katonda bwatayanukulira mu kiseera ne mu ngeri gye tusabamu, tusobola okulowooza nti teyatwanukudde yadde. Katonda ayanukula essaala ez'obwesimbu, ez'obukkakamu, ate nga okwanukula Kwe kwe kusingayo obulungi ennyo.

Mwayitibwa okumanya obulungi bwa Katonda (Abafeeso 3:19), era kino kyokka kye mwetaaga. Gy'okoma okumumanya, gy'okoma okumwesiga, gy'okoma okubeera n'emirembe, era gy'okoma n'okubeera omwetefuteefu okugondera by'ayagala n'okwanukula

Kwe. Amaaso go geegeke ku Ye, ku kwagala Kwe, ku bisuubizo Bye, ne ku ngeri gy'akozeemu mu kusomoozebwa okuyise.

“Onoomukuumanga mirembe, eyesigamya omwoyo gwe ku Ggwe: kubanga akwesiga ggwe” (Isaaya 26:3).

Katonda amanyi ebiseera by'omu maaso. Afaayo gy'oli, naye ate afaayo ne ku balala. Ayinza obutayanukula kati olw'okuba nti alina okwanukula okusingako obulungi, oba nga si ky'ekiseera ekisingako obulungi, oba nga toil mweteeefuteefu olw'enteekateeka YE. Kiyinzika okuba nti alin okwanukula okw'enjawulo okukola ku nsonga endala nga tozirinaako na kirowooza kyonna. Ayinza n'okuganya embeera okukutuukako olw'okwagala okutuuka ku muntu omu atandisobodde kufuna mukisa gwa kuweerezebwa. Ebintu bingi ebitubaako naye nga mu ggulu yokka gye tujja okubitegerera.

Fuba okukikumira mu birowoozo byo nti Yesu teyajja ku nsi kuno n'afa olw'okutuwa obulamu obw'emirembe. Kubanga yayogera bulungi mu kitabo kya Yokaana 16:33 nti mu nsi mujjuddemu ennaku. Atera nnyo okukozesa ebigezo olw'okubeerako amasomo g'atuyigiriza agetaagisa mu kukulaakulana kw'empisa wamu n'obulokozi. “Kubanga okubonaabona kwaffe okuzitowa, okw'ekiseera ekya kaakano, kwongerayongerera nnyo okutukolera ekitiibwa ekizitowa eky'emirembe n'emirembe” (2 Abakkolinso 4:17).

N'olw'ekyo mu kifo ky'okusaba Katonda okutuggirawo ebisomooza, mumusabe abayambe mu kukula n'okubiyigiramu. Obwetaavu bwaffe obusingayo okubeera obw'amaanyi si bwebwo bwetusabira, wadde nga emirundi egisinga obungi bwe bwetaavu bwennyini. Obwetaavu bwaffe obw'amaanyi kwe kumanya Katonda waffe. Gy'okoma okumumanya, gy'okoma okumwesiga, era gy'okoma okumuganya okukola.

Katonda abayita okwettanira okusaba n'okumunoonya, okubeera mu maaso Ge, okutambulira ku nteekateeka Ye, wamu n'okumugondera. Sooka onoonye engeri y'okumumanya nga tonnaba kuyaayaanira kwanukulibwa na buyambi, oluvannyuma olyoke omubundugguleko obweraliikirivu bwo bwonna era omulindirire okukwanukula.

Ka tusabire wamu.

### **Ekiseera eky'Okusaba (Eddakiika 30 - 45)**

*Ebibinja by'okusaba byonna birina engeri ez'enjawulo ez'okusabira awamu. Tubakubiriza okuwaayo eddakiika eziddako 30 – 45 mu kusaba okw'awamu okusinziira ku ngeri Omwoyo Omutukuvu gy'anaabakulemberamu. Tubakubiriza okubeera n'essaala ennyimpi ez'okunyumyaamu (mu nnyiriri ezitasukka 3), kubanga kino kiwa buli omu omwagaanya ogw'okusaba emirundi egiwerako. Tulina eby'okulabirako eby'okusabira mu Byawandiikibwa wammanga okusinziira ku mulamwa gw'olunaku. Musobola okusaba nga mweyambisa ebiwandiko ebirala wamu n'okugattamu ensonga endala mu kiseera kyammwe eky'okusaba. Mweyambise ku Ndagiro y'Omukulembeze ne Ensonga ez'Okusabira ez'Ekkansa mu Nsi Yonna okusobola okufunayo ku birowoozo.*

## **Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Isaaya 40:31a**

“Naye abo abalindirira Mukama baliddamu obuggya amaanyi gaabwe”

### **“Abo abalindirira Mukama”**

*Ai Kitaffe, tetwagala kulindirira. Okulindirira kutusinduukiriza emmeeme wamu n’okusitula okutya mu ffe, era na bwekityo ne tubaguka okudduka okwenoonyeza eby’okwanukula ku bwaffe. Tukasaba otuyigirize okwuwummulira mu Ggwe nga omwana omuwere bw’awummulira mu mikono gya kitaawe. Otuwe okukkiriza okutuyamba okumanya nti eby’enkya byonna biri mikono Gyo egy’obuyinza. Tusaba tuwangaalire mu kukkiriza, so si mu kulabako.*

### **“Baliddamu obuggya amaanyi gaabwe”**

*Ai Mukama, oluusi tupondookera ddala m bulamu bw’ensi eno etalina makulu. Endwadde zitusibako akanyaaga, obutakwatagana ne butuzinya endubaale, obwavu ne butukaabya akayirigombe, obutali bwenkanya ne butuzinisa oluguje, beppo n’okutambulira mu kwewunika olutatadde. Bambi tukusaba oyimuse amaaso gaffe eri eggulu otuzze buggya amaanyi gaffe. Otuyigirize okukwesigamako wamu n’okuzuula amaanyi mu bisubizo Byo ebitakoma. Wakati mu kumalibwaamu amaanyi, tuyunge ku buyinza Bwo bambi.*

### **Ebirowoozo Ebirala ku Kusaba**

- Okwebaza n’Okutendereza:** Muweeyo okwebaza olw’emikisa egy’enjawulo wamu n’okutendereza Katonda olw’obulungi Bwe.
- Okwatula:** Waayo eddakiika entonotono okwatula mu kyama wamu n’okwebaza Katonda olw’okusonyiwa Kwe.
- Okuluggamizibwa:** Saba Katonda akuwe amageziri ebisoomooza n’okusalawo okw’ekiseera kino.
- Ekkkanisa Yaffe:** Sabira ebyetaago by’ekkanisa ey’omu bbendobendo n’ensi yonna (tunula ku lukalala olwawule okuli eby’okusabira)
- Ensonga Zaffe ez’Okusabira:** Sabira ebyetaago ebiriwo kaakano ebya bammemba b’ekkanisa, amaka, ne baliraanwa.
- Okuwuliriza n’Okwanukula:** Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboosi lya Katonda n’okwanukula okuyita mu kutendereza oba okuyimba.

**Ebirowoozo ku Nnyimba:**

Nsanyukira Obulamu Bwange - #43 (*SDA Hymnal*, #469)

Bwenfuna Eddembe mu Bulamu Bwange - #127 (*SDA Hymnal*, #530)

Be Still, My Soul – SDA Hymnal #461

**Ennyimba Endala:**

*My Peace I Give unto You; I Cast All My Cares upon You; In God's Green Pastures*



## Naye ggwe bw'osabanga . . .

### OLUNAKU 5 – ERINNYA LYO LITIIBWE

“Kale omusana gwammwe gwakenga bwe gutyo mu maaso g'abantu balabenga ebigambo ebirungi bye mukola, balyoke bagulumizenga Kitammwe ali mu ggulu” (Matayo 5:16).

#### Tuli Bbaluwa Ensumulule

Lwali lumu abakiriza nga bali wamu n'omusumba waabwe, baagezaako okwaniriza baliraanwa b'ekkanisa ku mikolo egimu, naye bangi nga bagaana. Omusumba yabuuzaako ku maka agamu lwaki baali tebayagala kujja buli lwe babayita, n'afuna okwanukulibwa mu bigambo ebitali bimu nti, “Bwe kiba nga Mw. .... Mmemba wammwe, kijja kusingako obutajja. Talina kwagala yadde okusaasira. Tassaamu bantu kitiibwa yadde okusonyiwala. Mukumpanya, wa ttima eri ebisolo, ate nga mukambwe ebiseera ebisinga obungi.” Abakiriza abasinga obungi kyabanakuwaza.

Essaala ya Mukama waffe etandika n'ebigambo nti, “Kitaffe ali mu ggulu.” Katonda takoma ku kubeera wa Bwengula kyokka, wabula agattako n'okubeera n'enkolagana ey'okumwanjo ennyo wamu naffe. Ebigambo ebiddako bigamba nti, “erinnya Lyo litiibwe.” Ekigambo eky'Oluyonaani tekiri *hagios* – ekitegeeza “ eky'omukisa, ekitukuvu, ekisaanidde” – wabula *hagiazo* – ekitegeeza “okutukuza.” Tuyinza tutya okutukuza oba okufuula Katonda omutukuvu ng'ate abeera mutukuvu bulijjo?

Pawulo atugamba nti tuli bbaluwa abantu gye bategeera, gye basoma (2 Abakkolinso 3:2). Mu 1 Abakkolinso 4:9 yawandiika nti, “kubanga twafuuka ekyelorerwa ensi ne bamalayika n'abantu.”

Abantu tebalaba Katonda, wabula balaba ffe. Enneeyisa yaffe eya bulijjo esobola okuweesa Katonda ekitiibwa n'okumugulumizisa, oba okutyoboola erinnya Lye n'okuswaaza ekkana wamu n'okwonoona omulimu gw'enjiri (Matayo 5:13-16).

Genda mu maaso ga Katonda n'amatendo era omusiime nga Kitaawo akwagala ennyo. Mu kifo ky'okuteeka essira ku ggwe n'ebyetaago byo, sooka oteeke essira ku Katonda, ku linnya Lye, ne ku kitiibwa Kye. “Katonda yandiyagadde tunoonye ebyo ebiviirako erinnya okuweebwa ekitiibwa. Mpaawo lwe tulina kwegulumiza; tulina okunoonya Katonda olw'okuweebwa ekisa n'emikisa egy'omwoyo, erinnya lisobole okugulumizibwa okuyita mu mpisa zaffe. Abaana Be bwe bawaayo obulamu bwabwe nga bukiikirira ekikula kya Kristo, Katonda abeera agulumizibwa, era n'erinnya Lye ne litiibwa” (Manuscript 34, 1903, par. 15).

Waayo essaala efaananako bweti: “Ai Kitange, nkusaba onnyambe nkuweese ekitiibwa mu buli kimu kyenkola olwa leero. Nkusaba onnyambe nkukiikirire bulungi era njolese erinnya Lyo eri bonna abandaba basobole okukutendereza. Ka nneeyise mu ngeri eganya abantu okulaba ekikula kya Yesu nga mpita mu bikolwa byange n'ebigambo byange byonna.”

N'era, fuba okunoonya ebintu byokka ebisobozesa Katonda okuweebwa ekitiibwa mu ssaala yo. 1 Yokaana 5:14 wagamba nti “bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira.”

Tulina okusaba nga tuyita mu linnya lya Yesu, naye ekyo kisukka ku kwoger obwoegezi nti “Mu linnya Lyo.” Mu biseera Bayibuli lwe yawandiikibwa, erinnya lyategeezanga ekikula. Okusaba nga kuyita mu linnya lya Yesu kutegeeza okusabira mu kwagala Kwe, okusaba ebintu ebiraga Ye n’ekikula Kye. Yakobo 4:3 wagamba nti, “Musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi; mulyoke mubikoze okwegomba kwammwe.” “Okusaba nga kuyita mu linnya lya Yesu kutegeeza kinene nnyo. Kitegeeza nti tulina okukkiriza ekikula Kye, okwolesa Omwoyo We, wamu n’okukola Emirimu Gye” (*The Desire of Ages*, p. 668).

Yesu yasuubiza okwanukula essaala zaffe kasita tusaba nga tuyita mu linnya Lye, nga tusaba by’ayagala, n’okusaba ebyo ebinaagulumizisa n’okuweesa Katonda ekitiibwa (Yokaana 14:13, 14; 1 Yokaana 5:14).

Era Katonda bw’ayanukula, kakasa nti omutendereza awamu n’okumugulumizisa. Teri lwe tulina kukozeza kakisa konna mu kwetwalira ekitiibwa ku lwaffe, kubanga Setaani y’asinga okugezaako okweddiza ekitiibwa kya Katonda kibe kikye. Mu buwombeefu obw’ekitalo, gulumizanga Katonda awamu n’okumuteekamu ekitiibwa nga oyita mu bigambo byo by’oyogera, mu bikolwa byo, wamu ne mu ssaala zo.

Bwe twemulugunya, tubeera tuwa ekifaananyi ekibi ku Katonda waffe. Nga tulinga abalaga nti Katonda si mulungi, tafaayo gyetuli, era takuuma bisuubizo Bye. Jaguzanga bulijjo (1 Abasessalonika 5:16; Abafiripi 4:4). Mu ssaala zo, mu kwogera kwo, ne mu nneeyisa yo osaana olabisibwe mu ngeri essaamu Katonda ekitiibwa. Osobola otya okukubiriza abalala okubeera n’okukkiriza nga ate ggwe obuusabuusa? Osobola otya okugamba abalala okutendereza Katonda kyokka nga ggwe wemulugunya?

Essaala yaffe ey’omunda yandibadde nti, “Ai Kitange ow’omu ggulu, era anjagala ennyo, nkusaba onnyambe leero okwogera n’okweyisa mu ngeri ekukiikirira obulungi mu maaso g’abalala. Nsaba ompe ebintu ebyo byokka ebijja okukuweesa ekitiibwa, era onnyambe okubikozeza mu ngeri ey’okukuweereza. Ka ngulumizise erinnya Lyo olunaku lw leero.”

Ka tusabire wamu.

### **Ekiseera eky’Okusaba (Eddakiika 30 - 45)**

*Ebibinja by’okusaba byonna birina engeri ez’enjawulo ez’okusabira awamu. Tubakubiriza okuwaayo eddakiika eziddako 30 – 45 mu kusaba okw’awamu okusinziira ku ngeri Omwoyo Omutukuvu gy’anaabakulemberamu. Tubakubiriza okubeera n’essaala ennyimpi ez’okunyumyaamu (mu nnyiriri ezitasukka 3), kubanga kino kiwa buli omu omwagaanya ogw’okusaba emirundi egiwerako. Tulina eby’okulabirako eby’okusabira mu Byawandiikibwa wammanga okusinziira ku mulamwa gw’olunaku. Musobola okusaba nga mweyambisa ebiwandiko ebirala wamu n’okugattamu ensonga endala mu kiseera kyammwe eky’okusaba. Mweyambise ku Ndagiriro y’Omukulembeze ne Ensonga ez’Okusabira ez’Ekkansa mu Nsi Yonna okusobola okufunayo ku birowoozo.*

## **Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Matayo 5:16**

“Kale omusana gwammwe gwakenga bwe gutyo mu maaso g’abantu balabenga ebigambo ebirungi bye mukola, balyoke bagulumizenga Kitammwe ali mu ggulu”

### **“Kale omusana gwammwe gwakenga”**

*Ai Mukama, Ggwe nsibuko y’omusana gwonna. Yakira mu ffe abantu basobole okulaba obulungi bw’ekikula Kyo. Tuyambe okusobola okwaka obulungi ennyo, olwo nno abantu abalala basikirizibwe okujja mu bwakabaka Bwo okuyita mu kwagala kwaffe.*

### **“Balabenga ebigambo ebirungi bye mukola”**

*Ai Katonda, oluusi twerabira nti abantu abalala balaba buli nsonga gye tukola. Bayambe okusobola okulaba okwagala mu bulamu bwaffe, so si bukyayi. Bayambe balabe obugabi bwaffe, so si okwerowoozaako. Kolera mu bulamu bwaffe tusobole okubeera omukisa eri abaana baffe, baliraanwa baffe, beppo ne balabe baffe.*

### **“Balyoke bagulumizenga Kitammwe ali mu ggulu”**

*Ai Katonda, olina okugulumizibwa, ate ffe ne tukakanyizibwa. Otutoowaze era baliraanwa baffe basobole okulaba obuyinza Bwo n’Okusaasira Kwo nga byegiriisiza mu bikolwa byaffe.*

## **Ebirowoozo Ebirala ku Kusaba**

- Okwebaza n’Okutendereza:*** Muweeyo okwebaza olw’emikisa egy’enjawulo wamu n’okutendereza Katonda olw’obulungi Bwe.
- Okwatula:*** Waayo eddakiika entonotono okwatula mu kyama wamu n’okwebaza Katonda olw’okusonyiwa Kwe.
- Okuluggamizibwa:*** Saba Katonda akuwe amageziera ebisoomooza n’okusalawo okw’ekiseera kino.
- Ekkalisa Yaffe:*** Sabira ebyetaago by’ekkanisa ey’omu bbendobendo n’ensi yonna (tunula ku lukalala olwawule okuli eby’okusabira)
- Ensonga Zaffe ez’Okusabira:*** Sabira ebyetaago ebiriwo kaakano ebya bammemba b’ekkanisa, amaka, ne baliraanwa.
- Okuwuliriza n’Okwanukula:*** Waayo ekiseera okuwuliriza eddoozi lya Katonda n’okwanukula okuyita mu kutendereza oba okuyimba.

**Ebirowoozo ku Nnyimba:**

*How Great Thou Art (#86)*

*Praise to the Lord (#1)*

*Praise Him, Praise Him (#249)*

*I Will Enter His Gates;*

*Shine, Jesus, Shine;*

*Majesty;*

*His Name is Wonderful.*

## Naye ggwe bw'osabanga . . .

### OLUNAKU 6 – OBWAKABAKA BWO BUJJE

“Obwakabaka bwa Katonda buli munda yammwe” (Lukka 17:21b).

#### Obulokozi Buyingidde Munda

Mu Lukka 19 walaga Yesu yewaayo okuyingira mu nnyumba ya Zaakayo, bwatyo kwe kugamba nti, “Leero okulokolebwa kuzze mu nnyumba muno” (olunyiriri 9). Yesu bw'abeera mu nju yo, eggulu nalyo libeerawo. Era bw'obeera nga tonnaba kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda, obwakabaka bwa Katonda buteekeddwa okuyingira mu mutima gwo. Mu Yokaana 17, Yesu teyasabira bagoberezi Be kuggibwa mu nsi mu mubiri wabula nti baleme okubeera ab'ensi (Yokaana 17:15, 16).

Tulina okumanyiira okubeera wano nga bwe twandibadde mu ggulu. Bwe tumala ne tuteeka essira ku bintu by'ensi, tujja kufaananyizibwa nga ensi. “Kubanga ebintu byo we bibeera, omutima gwo nagwo gye gubeera” (Matayo 6:21). Naye essira bwe tuliteeka ku Katonda ne ku bwakabaka Bwe, obwakabaka Bwe bujja kutambulira mu ffe wamu n'okutwetoolola. “Obwenyi bw'abasajja n'abakazi abayogera ne Katonda, nga ensi eterabika nkakafu gyebali, bayolesa bulungi emirembe gya Katonda. Bawangaalira mu mbeera empeweewu n'omukwano eby'eggulu” (Medical Ministry, p. 252).

Bwe nnali ku lumu ku njeendo z'okubuulira enjiri mu Cuba, abaana bangi bajja wamu ne bazadde baabwe okuwuliriza. Wabula nakizuula okuva ku musumba nti baali bajja lwa muntu omu eyali omukyala, era ne mpalirizibwa okumubuuza kye yabagambanga okusobola okukkiriza okujja. Yanziramuni nti, “Tekiri ku kiki kye mbagamba,” bwatyo n'atwaniriza enkeera waalwo okumukyalirako tulabe bwe kibeera. Naffe twazambalira ku mugongo, era ne tugenda.

Yalina akayumba katono ddala, nga kakirako awaterekebwa ebikozesebwa. Teyalina bibajje okuggyako ebitanda ebibiri, akameeza akatono, obutebe bubiri, n'essigiri ekozesebwa mu nsiisira. Mu budde obw'ettuntu yafulumu mangu mu maaso g'enju ye, era ne bajja – kyenkana abaana ebikumi bibiri (200)! Yabatuuza wansi ku ttaka era ne bamulaga olupapula oluteereddwaako emikono gy'abazadde baabwe. Oluvannyuma abato ne basiimba mu lunyiriri lumu n'abagabula bonna omuceere, ne batuula wansi era ne bagubweebweena.

Bwe baali nga balya, yatunnyonyola nti bangi ku baliraanwa be tebaalina mirimu gya kukola kyokka nga ye wa mukisa okubeera ng'akola. Omusaala gwe nga sig we mungi ennyo okumusobozesa okugula emmere ey'enjawulo, wabula nga asobola okugula omuceere. Ky'ava agamba nti, “Twayitibwa okubeera nga Yesu, tulage obwakabaka bwa Katonda nga bwe bubeera olwo nno abantu basobole okubuyayaanira. Tulina okukozesa enkola ya Yesu, nga tubaliisa n'okuziimba emikwano. Bwe mbeerawo ku lwange, olwo mba nfaananye ntya Yesu? Era singa nkoma ku kuwa bantu mmere kyokka, olwo ne kibayamba kitya? N'olw'ekyo neeyambisa omuceere olw'okulaga abaana bano okwagala. Oluvannyuma mbakana n'okubatuusaako emmere ey'omwoyo, lwakuba abaana batera okutataaganyizibwa. Bwe mbeera njagala abaana bawulirize, balina okudda ewaka babuulire bazadde baabwe olugero

n’oluyimba bye bayize olwa leero nga obukakafu nti ddala bassizzaayo ebirowoozo. Mu ngeri eno, abazadde mbeera nabo mbatuuseeko. Olw’okubanga kino mbadde nkikolera akabanga akawerako, bonna banjagala, banneesiga, era beetegefu okuwulirizanga.”

Amangu ddala ng’abaana bamalirizza okulya, yatandika okubayigiriza ku Yona era n’abayigiriza oluyimba. Bwe byaggwa, baamugwa mu kafuba nga bamwebaza; era ne mpulira nga bagamba nti, “Tukwagala nnyo, Auntie!” Yajjula akamwenyumwenyu ku matama era n’agamba nti, “Sigezaako kubalaga bwakabaka bwa Katonda kyokka, wabula nabo bampa omukisa era ne bangijuzza n’essanyu. Essanyu erisingayo kwe kubalaba nga bajja ku kkanisa okusaba n’okuyiga ku Katonda. Wabula essanyu lyange erisinga obungi kwe kubalaba mu ggulu, y’ensonga lwaki njagala balozeeko ku ttondo ly’eggulu kaakano.”

Yesu ajja mangu! Naye ggwe okusobola okwetegekera okuyingira mu bwakabaka Bwe ng’azze, olina okubeera n’obwakabaka Bwe munda mu ggwe kaakano. Olina okusabanga buli lunaku nti, “Ai Mukama, bambi nkuyita ojje n’obwakabaka Bwo mu mutima gwange leero.” Katonda akuyita okufuula obwakabaka Bwe obwa nnamaddala leero, nga wewonga mu ssaala buli lunaku, nga oyiga Ekigambo Kye, n’okwettanira obuweereza obw’essanyu mu bulamu bwa kaakano nga bwe wandibadde mu ggulu. Ganya eggulu okubeera mu ggwe. Beera emikono gya Katonda wano, ng’abantu b’okukkiriza bwe baabeeranga mu biseera eby’edda.

Katonda ayagala okuteeka obwakabaka Bwe mu mutima gwo ne mu maka go olwa leero na buli lunaku. Ayagala wemanyiize okubeera mu maaso Ge nga omutuuze w’eggulu. Fuba buli lunaku okwaniriza eggulu mu mutima gwo era oganye okwagala Kwe okusasaanira abalala nga kuyita mu bikolwa byo.

Ka tusabire wamu.

### **Ekiseera eky’Okusaba (Eddakiika 30 - 45)**

*Ebibinja by’okusaba byonna birina engeri ez’enjawulo ez’okusabira awamu. Tubakubiriza okuwaayo eddakiika eziddako 30 – 45 mu kusaba okw’awamu okusinziira ku ngeri Omwoyo Omutukuvu gy’anaabakulemberamu. Tubakubiriza okubeera n’essaala ennyimpi ez’okunyumyaamu (mu nnyiriri ezitasukka 3), kubanga kino kiwa buli omu omwagaanya ogw’okusaba emirundi egiwerako. Tulina eby’okulabirako eby’okusabira mu Byawandiikibwa wammanga okusinziira ku mulamwa gw’olunaku. Musobola okusaba nga mweyambisa ebiwandiko ebirala wamu n’okugattamu ensonga endala mu kiseera kyammwe eky’okusaba. Mweyambise ku Ndagiro y’Omukulembeze ne Ensonga ez’Okusabira ez’Ekkansa mu Nsi Yonna okusobola okufunayo ku birowoozo.*

### **Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Lukka 17:21b**

“Obwakabaka bwa Katonda buli munda yammwe”

## **“Obwakabaka bwa Katonda”**

*Ai Mukama, tukimanyi nti obwakabaka Bwo tebukwaata ku buyinza oba amaanyi ag’ensi. Tukasaba otuwe amagezi okusobola okutegeera n’okutambulira mu bwakabaka Bwo obw’obuwombeefu mu bulamu bwaffe olwa leero. Tuyambe okutuukirira olw’obuweereza, olw’okusaasira, awamu n’okuzzaamu amaanyi abaana Bo abali ku nsi.*

## **“Buli munda yammwe”**

*Ai Katonda, tukusaba otuyambe okubeera ng’abatuuze ab’eggulu okutanula ne leero. Tuyambe mu kuggya amaaso ku ffe tugazze ku balala. Muntu ki atuli okupi eyetaaga omulala amuwuliriza kaakano? Ani eyetaaga eky’okulya ekyokya oba engoye ku lw’abaana? Ani eyandiyagadde okuwuliriza ku bujulirwa bwaffe obukwaata ku buyinz bwa Yesu obukyuusa obulamu? Yogera eri emitima gyaffe era osige obwakabaka Bwo mu bulamu bwaffe olwa leero.*

## **Ebirowoozo Ebirala ku Kusaba**

**Okwebaza n’Okutendereza:** Muweeyo okwebaza olw’emikisa egy’enjawulo wamu n’okutendereza Katonda olw’obulungi Bwe.

**Okwatula:** Waayo eddakiika entonotono okwatula mu kyama wamu n’okwebaza Katonda olw’okusonyiwa Kwe.

**Okuluggamizibwa:** Saba Katonda akuwe amageziri ebisoomooza n’okusalawo okw’ekiseera kino.

**Ekkalisa Yaffe:** Sabira ebyetaago by’ekkanisa ey’omu bbandobendo n’ensi yonna (tunula ku lukalala olwawule okuli eby’okusabira)

**Ensonga Zaffe ez’Okusabira:** Sabira ebyetaago ebiriwo kaakano ebya bammemba b’ekkanisa, amaka, ne baliraanwa.

**Okuwuliriza n’Okwanukula:** Waayo ekiseera okuwuliriza eddoozi lya Katonda n’okwanukula okuyita mu kutendereza oba okuyimba.

## **Ebirowoozo ku Nnyimba:**

*Live Out Thy Life Within Me (#316);*

*He Lives (#251);*

*So Send I You (#578)*

**Ennyimba Endala:** *We Are His Hands; Brighten the Corner, This Little Light of Mine...*

## Naye ggwe bw'osabanga . . .

### OLUNAKU 7 – BY'OYAGALA BIKOLEBWE MU NSI NGA BWE BIKOLEBWA MU GGULU.

“Kubanga mmanyi ebirowoozo bye ndowooza ghemuli. ... okubawa okusuubira enkomerero yammwe ey'oluvannyuma” (Yeremiya 29:11).

#### Ye Ssenkulu

Fenna tulina enteekateeka, nga ezimu za biseera biwanvu ate nga endala za buli lunaku. Entakera mu ssaala zaffe tusinga kunoonya buyambi bwa Katonda na mukisa Gwe mu nteekateeka zaffe mu kifo ky'okunoonya enteekateeka za Katonda. Katonda agamba nti, “Kubanga mmanyi ebirowoozo bye ndowooza ghemuli” (Yeremiya 29:11). Kino kitulaga bulungi nti tulina kugoberera nteekateeka Ye okusobola okufuna emikisa gya Katonda n'ebibye.

Mu ssaala zaffe twettanira nnyo okutegeeza Katonda ky'alina okukola nga kifaanana nga ffe ba ssenkulu, nga Ye ye muweereza waffe. Kisaanye okujjukirwa nti Ye Katonda, era ye Ssenkulu agwanidde okututegeeza bye tuteekeddwa okukola. “Buli lukya, takabanira okwewonga eri Katonda olw'entambula y'olunaku olwo. Waayo enteekateeka zo zonna gy'ali zisobole okutuukirizibwa oba okusuulibwa mu kasero nga obugabirizi Bwe bwe bujja okukiraga. Na bwekityo, oyinza okubeera nga owaayo obulamu bwo mu mikono gya Katonda buli lunaku” (*Steps to Christ*, p. 70).

Mujjukire ebigambo bino mu ssaala ya Mukama waffe nti: “By'oyagala bikolebwe mu nsi nga bwe bikolebwa mu ggulu.” Bamalayika bakola ki mu ggulu? Babeera mu kuweereza Katonda, nga bakola byonna by'abeera abawadde nga oluwalo. Okwanukula kwabwe kubeera nti, “Yee, Mukama waffe,” era bwe batyo ne batambulirawo. Mpaawo n'omu amubuulira kya kukola; era teri ateesaganya oba okugamba nti, “Nkyalina byenkola” oba “Nja kukikola eddako.” Mpaawo akaayana ng'agamba nti, “Sirina bya kukozeza” oba nti “Ninawo ekirowoozo ekisingako obulungi.” Bw'abeerako malayika gw'atuma eky'okukola, ayanukulirawo mu buwulize ng'akimanyi nti atekawo ebikozesebwa byonna ebibeera byetaagisa.

Lw'ali lumu nga ndi ne mukyala wange twevuga ku lugendo oluweza essaawa ekkumi n'emu, era nga bulijjo tw'ali tunoonyezza enteekateeka ya Katonda ey'olunaku olwo nga tumusabye okutulaga emikisa egy'enjawulo egy'okumuweereza. Nga twakatambulako essaawa ttaano ez'olugendo, mukwano gwaffe omusumba yawulugumya olukomo. Yagamba nti, “Netaaga okunsabirako. Nnina okugenda okubuulira enjiri mu Cuba, naye emmotoka yange yafudde ate nga ne bbaasi teyazze ku kitundu.”

Nnali nkimanyi nti abeera mu kitundu mwe tw'ali tuyita mu kiseera ekyo kyennyini, era kwe kumubuuza nti, “Bakira, obeerera ddala mu kifo ki?” Yampa endagiriro, era ne tutuukawo mu kadde kennyini ng'akyatulagirira. Namutegeeza nti, “Tutuuseewo wennyini w'otulagiridde!” Kwe kwewuunya ng'agamba nti, “Ekyo kiyinzika kitya? Kubanga nkimanyi nti mubeera mu bbanga lya ssaawa ttaano ez'okuvuga okuva wendi!” Ne tukwaata ekkubo eridda ewuwe,



n'alinnya era ne tumutuusa ku kisaawe ky'ennyonyi. Yasobola okutuuka mu budde era bwatyo ne yeyongerayo okugenda mu Cuba!

Emirundi mingi twekaluubiriza era ne tulemererwa mu bye tukola olw'okubanga tutambulira ku nteekateeka zaffe awatali kufaayo kumanya ekifaananyi kinene. Tetumanyi bya mu maaso, kyokka Katonda abimanyi, era atwagala nga bw'okiwulira.

“Abantu bangi bakomekkerera mu kulemwa nga bateekereteekera ebiseera by'omumaaso ebirungi. Muganye Katonda abateekereteekere. ... Katonda tagezangako kukulembera baana Be mu ngeri ekontana ne gye bandiroonzeewo okukulemberwa singa baali basobola okumanya enkomerero okuva mu ntandikwa wamu n'okwawula ekitiibwa ky'omulamwa gwebali mu kutuukiriza ng'abakolera awamu naye” (*The Ministry of Healing*, p. 479).

Olina okumanya Katonda ky'ayagala okusobola okukikola, era olina n'okuwuliriza nga oyita mu kusaba. Ky'akugamba kirina amakulu mangi nnyo okukira ku ggwe by'omugamba. Ffe “twetaaga okufuna obumanyirivu obw'obwebange mu kwettanira okumanya Katonda ky'ayagala. Buli ssekinnoomu ku ffe alina okumuwulira ng'ayogera eri omutima gwe. Wakati mu kubeera nti buli ddooboozi lisirise, era nga mu kasiriikiriro tulindiridde mu maaso Ge, emmeeme entebenkevu esobolera ddala okwawula eddooboozi lya Katonda” (*The Ministry of Healing*, p. 58).

Twogera eri Katonda nga tuyita mu kusaba, era n'ayogera naffe ng'ayita mu Kigambo Kye. Okusaba n'okuyiga Ebyawandiikibwa bulijjo bitambulira wamu; tebirina kwawukanyizibwa ebbanga lyonna. “Bayibuli ly'eddooboozi lya Katonda ng'ayogera gyetuli, mu ngeri ya bulijjo nga bwe twandiwalidde n'amatu gaffe” (*Testimonies for the Church*, vol. 6, 393).

Tusobolera ddala okumutegeeza ebyetaago byaffe, kubanga tukubirizibwa okumutikka emigugu gyaffe gyonna (1 Peetero 5:7). Tewali buzibu bwonna bwe tumusaba obuyambi, wabula tekitegeeza nti obeera omutegeeza ensonga gy'atannamanyaako yadde; wabula, obeera owaayo okukkaanya kwo asobole okukuyamba. Katonda yatuwa ebbeetu ery'okwesalirawo, era okusalawo kwaffe akussaamu nnyo ekitiibwa. Talyeyingiza mu mbeera yonna ng'atukakaatikako by'ayagala, wabula Ye atulindirira bulijjo okumusaba, okulondawo Ye okutuyamba, olwo nno n'alyoka yenyigira mu nsonga zaffe.

Waayo essaala, yiga Ebyawandiikibwa, era ofumiitirize. Waayo ebyetaago byo wamu n'enteekateeka zo, era osabe Katonda akukulemberemu wamu n'okukulagirira. Enteeekateeka za Katonda z'obeera osoosowazanga. Sooka onoonye Katonda, oluvannyuma omwesige nti ajja kukola ku bwetaavu bwo bwonna nga bwe yasubiza (Matayo 6:33). Lag anti w'oli okumuweereza wamu n'okugondera by'ayagala. Gamba nti, “Nzuuno, Mukama. Nkozesa olunaku lwa leero. By'oyagala ka bikolebwe mu bulamu bwange olwa leero.”

Ka tusabire wamu.

### **Ekiseera eky'Okusaba (Eddakiika 30 - 45)**

***Ebibinja by'okusaba byonna birina engeri ez'enjawulo ez'okusabira awamu. Tubakubiriza okuwaayo eddakiika eziddako 30 – 45 mu kusaba okw'awamu okusinziira ku ngeri Omwoyo Omutukuvu gy'anaabakulemberamu. Tubakubiriza okubeera n'essaala ennyimpi***

*ez'okunyumyaamu (mu nnyiriri ezitasukka 3), kubanga kino kiwa buli omu omwagaanya ogw'okusaba emirundi egiwerako. Tulina eby'okulabirako eby'okusabira mu Byawandiikibwa wammanga okusenziira ku mulamwa gw'olunaku. Musobola okusaba nga mweyambisa ebiwandiko ebirala wamu n'okugattamu ensonga endala mu kiseera kyammwe eky'okusaba. Mweyambise ku Ndagiriro y'Omukulembeze ne Ensonga ez'Okusabira ez'Ekkanisa mu Nsi Yonna okusobola okufunayo ku birowoozo.*

### **Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Yeremiya 29:11**

“Kubanga manyi ebirowoozo bye ndowooza gyemuli. ... okubawa okusuubira enkomerero yammwe ey'oluvannyuma”

#### **“Kubanga manyi ebirowoozo bye ndowooza gyemuli”**

*Ai Mukama, tukola nnyo okufirawo nga tufa ku biruubirirwa byaffe. Tusaba otusonyiwe olw'okuyayaana, obuluvu, wamu n'okweyagaliza. Wabula, otuyambe okutulaga enteekateeka Zo. Amaaso gaffe gasobozese okutunula enkaliiriza ku bwetaavu obutwetooolodde. Emikono gyaffe n'ebigere byaffe biyambe byagalenga okuweereza.*

#### **“okubawa okusuubira enkomerero yammwe ey'oluvannyuma”**

*Ai Katonda, enteekateeka zaffe ez'ensi zijja kufa ttogge wabulewo ne kye tulagawo, wabula enteekateeka Zo zituukira ddala mu butaliggwaawo. Webale nnyo olw'okubanga okulemwa kwaffe si kwa lubeerera. Tukusaba otuwe okukkiriiza tukube ku bwakabaka Bwo ebirozo olunau lwa leero. Tusaba obulamu Bwo bulabikire mu ffe bulijjo.*

### **Ebirowoozo Ebirala ku Kusaba**

- Okwebaza n'Okutendereza:** Muweeyo okwebaza olw'emikisa egy'enjawulo wamu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.
- Okwatula:** Waayo eddakiika entonotono okwatula mu kyama wamu n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.
- Okuluggamizibwa:** Saba Katonda akuwe amageziri ebisoomooza n'okusalawo okw'ekiseera kino.
- Ekkanisa Yaffe:** Sabira ebyetaago by'ekkanisa ey'omu bbendobendo n'ensi yonna (tunula ku lukalala olwawule okuli eby'okusabira)
- Ensonga Zaffe ez'Okusabira:** Sabira ebyetaago ebiriwo kaakano ebya bammemba b'ekkanisa, amaka, ne baliraanwa.

***Okuwuliriza n'Okwanukula:***

Waayo ekiseera okuwuliriza eddobozi lya Katonda n'okwanukula okuyita mu kutendereza oba okuyimba.

**Ebirowoozo ku Nnyimba:**

*Newaddeyo Gy'oli Yesu - #122*

*Twala Obulamu Bwange - #227*

*Give Me Jesus (CH-#305);*

*Be Thou My Vision (CH-#547)*

***Ennyimba Endala: All in All; Create in Me a Clean Heart; Make Me a Servant***

## Naye ggwe bw'osabanga . . .

### OLUNAKU 8 – OTUWE LEERO EMMERE YAFFE EYA BULIJJJO.

“Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi: kubanga ebiro bwe birituuka, tulikungula; nga tetuzirise. Kale, bwe tunaalabanga ebbanga, tubakolenga obulungi bonna, naye okusinga abo abali mu nnyumba ey'okukkiriza” (Abaggalatiya 6:9, 10).

#### **Katonda Anaagabirira**

Olunaku lumu nawaayo obudde nga nkola ku by'ensimbi. Bwe nnamala okuteeka ebbali ekimu eky'ekkumi n'omutemwa omulala ogw'omulimu gw'enjiri n'abali mu bwetaavu, nasasulira ensasaanya y'ewaka, ne nteeka ku bbali ebimu ku bisale by'omwana eby'essomero, nensigagazaawo kko entonotono ez'emmere y'omwezi awamu n'ensasaanya endalalala. Bwentyo nabakana n'ekidduka nsobole okutwalayo ebisale by'essomero eri abakulu, wabula ekire ky'enkuba ky'ali ky'amaanyi nnyo!

Bwe nnali nga sinnaba kuyingira mu ssomero, nnalengera omuvubuka ow'obuwala ng'alabika asobeddwa. Nasiba emmotoka era njeenda okumwetegereza nga yali omuvubuka ow'obuwala gwe nnali naakabatiza emyezi emitono egiyise, ng'akulukusa amaziga agayiriyiri.

“Nsonga ki mwattu?” bwe nnamubuuza. Lwaddaaki yambuulira nga ye n'abalala bwe baali bafiiriddwa omulimu oluvannyuma lw'ekkolero ku muliraano okuggalawo. Olw'okubanga yali takyasobola kusasula nsimbi za bupangisa, yafubutulwa mu nnyumba wamu n'abaana be ababiri. Eky'ennaku ennyo, baali tebakyalina kya kulya.

Namutwaala mu katale ne tujjuza emmere mu kagaali nga nneeyambisa ekitundu ku bisale by'essomero. Nga tuvuga okuddayo ku ssomero, nakubira nnyini mayumba era ne tugezaako okukkaanya nga nkozesa ebisale by'essomero okusasulako ekitundu ku bbanja lye, era nnyini mayumba n'amusonyiwa ekitundu ky'ebbanja ekirala. Nayita bukubirire abatuula ku lukiiko olukulemba ekanisa era nabo ne basasulira ebbanja ly'amasannyalaze. Kyennava mugamba nti, “Embeera yo bw'emala okutereera, naawe oyabanga omuntu ali mu bwetaavu.” Yali musiiimu nnyo ebitagambika.

Bwe natuuka ewaka ne mpitiramu mukyala wange ku bweraliikirivu bwaffe obw'okusasulira ebisale by'essomero, yanziramu n'essanyu nti, “Katonda anaagabirira.” Ku lunaku olwo mu ttuntu nakeberako mu kasanduuke ka posta nensangamu ebbaasa ng'erimu ceeke (cheque) munda, nga ejjuzibbwaako omuwendo gwa ssente gwennyini gwe nmasasaanyiza ku muwala jjana.

Okufaayo kwa Katonda gyetuli kusukkulumira ddala kw'okwo kwe tulina eri abaana baffe. Atusuubiza nti emmere yaffe tunaagiweebwanga (Isaaya 33:16). Osaanye weetegereze ekigambo ekisonga ku ffe mu lunyiriri nti: “Otuwe emmere yaffe eya bulijjo.” Yesu ky'afuba okutumanyisa kwe kubeera nti tetukoma ku kusabira byaffe byokka wabula n'abo abatwetoolodde. Mu butuufu Bayibuli ekyogera lunye nti twagalenga baliraanwa baffe nga bwe tweyagala fekka (Makko 12:31), era nga bwe tulina okusabiragananga (Yakobo 5:16). “Mubeeraganenga emigugu mwekka na mwekka, mutuukirizenga bwe mutyo etteeka lya

Kristo” (Abaggalatiya 6:2). Abayigirizwa ab’ekyaasa ekyasooka baakolanga bwebatyo. Baalinga bumu mu buli nsonga (Ebikolwa 4:32).

“Essaala zaffe tezirina kubeera za kwenoonyeza byaffe, nga zitunuulidde kuganyulwa kwaffe kwokka. Ennono y’obulamu bwa Kristo y’erina okubeera ennono y’obulamu bwaffe. ... Tuli ba kusaba emikisa okuva eri Katonda tulyoke tugituuse ku balala, kubanga obusobozi bw’okufuna bwetoololera mu kukola/kugasa balala. Tetusobola kugenda mu maaso na kufuna bya bugagga eby’eggulu awatali kubituusa ku abo abatwetoolodde” (*Christ’s Object Lessons*, pp. 142, 143).

Ossanye wetegereze nti Essaala ya Mukama waffe teyogera ku mmere ya nkya, wabula eyogera ku ya leero. Yisiraeri yasobolanga okukunjaanya wabula emmere ya lunaku lumu buli mulundi (Okuva 16:4). Katonda teyandiyagadde wereliikirire olw’olunaku lw’enkya (Matayo 6:34). Saba bya leero byokka. Saba era ogabane n’abalala. Noonya okusobola okufuuka omukisa eri abalala. Abagoberezi ba Kristo nga tebannaba kulasa Kigambo, balina okwolesa okwagala kwa Katonda nga bafuuka omukisa eri abo ababetolodde.

Ku lunaku lw’okusala omusango, Yesu tajja kukubuuza oba wagentanga ku kkanisa oba wakola ebikolwa ebirungi, wadde nga tetulina kwewala kukiika mu makuŋŋaaniro (Abaebbulaniya 10:25). Ajja kugamba nti, “”Nnali bwereere era nga nnina enjala ate nga ndi muyonta. Engeri gye wayagalangamu abantu abakwetoolodde y’eraga engeri yennyini gye wanjagalalamu” (laba Matayo 25:31 – 45).

Katonda akukowoola okusabira muliraanwa wo, okwagala muliraanwa wo, wamu n’okubeera omukisa eri bonna abakwetoolodde.

Ka tusabire wamu.

### **Ekiseera eky’Okusaba (Eddakiika 30 - 45)**

*Ebibinja by’okusaba byonna birina engeri ez’enjawulo ez’okusabira awamu. Tubakubiriza okuwaayo eddakiika eziddako 30 – 45 mu kusaba okw’awamu okusinziira ku ngeri Omwoyo Omutukuvu gy’anaabakulemberamu. Tubakubiriza okubeera n’essaala ennyimpi ez’okunyumaamu (mu nnyiriri ezitasukka 3), kubanga kino kiwa buli omu omwagaanya ogw’okusaba emirundi egiwerako. Tulina eby’okulabirako eby’okusabira mu Byawandiikibwa wammanga okusinziira ku mulamwa gw’olunaku. Musobola okusaba nga mweyambisa ebiwandiko ebirala wamu n’okugattamu ensonga endala mu kiseera kyammwe eky’okusaba. Mweyambise ku Ndagiriro y’Omukulembeze ne Ensonga ez’Okusabira ez’Ekanisa mu Nsi Yonna okusobola okufunayo ku birowoozo.*

### **Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Abaggalatiya 6:9, 10**

“Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi: kubanga ebiro bwe birituuka, tulikungula; nga tetuzirise. Kale, bwe tunaalabanga ebbanga, tubakolenga obulungi bonna, naye okusinga abo abali mu nnyumba ey’okukkiriza”

**“Kubanga ebiro bwe birituuka, tulikungula; nga tetuzirise”**

*Ai Mukama, webale nnyo olw'ekisuubizo kino nti olunaku olw'amakungula lujja. Tusaba emikono gyaffe gikolere mu bwesigwa nga tusimba awamu n'okufukirira ensigo z'okukkiriza mu balala. Ebikungulwa bivunaanyizibwa ku Ggwe!*

**“Tubakolenga obulungi bonna”**

*Ai Katonda, otuwe amaaso Go okusobola okulaba emikisa egy'obuweereza. Otulage engeri gye tuyinza okulagamu okwagala eri abaana baffe, baliraanwa baffe, wamu ne bakkiriza bannaffe. Twesiimye nnyo okubeera ekitundu ku maka ga Katonda!*

**Ebirowoozo Ebirala ku Kusaba**

***Okwebaza n'Okutendereza:*** Muweeyo okwebaza olw'emikisa egy'enjawulo wamu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

***Okwatula:*** Waayo eddakiika entonotono okwatula mu kyama wamu n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

***Okuluggamizibwa:*** Saba Katonda akuwe amageziri ebisoomooza n'okusalawo okw'ekiseera kino.

***Ekkalisa Yaffe:*** Sabira ebyetaago by'ekkanisa ey'omu bbendobendo n'ensi yonna (tunula ku lukalala olwawule okuli eby'okusabira)

***Ensonga Zaffe ez'Okusabira:*** Sabira ebyetaago ebiriwo kaakano ebya bammemba b'ekkanisa, amaka, ne baliraanwa.

***Okuwuliriza n'Okwanukula:*** Waayo ekiseera okuwuliriza eddoozi lya Katonda n'okwanukula okuyita mu kutendereza oba okuyimba.

**Ebirowoozo ku Nnyimba:**

*“Ayita n'Ekisa Abaabula”*

*Kakano Tusiga - #55*

*Nnaagenda Gy'oyagala - #229*

*Be Thou My Vision (CH-#547)*

***Ennyimba Endala: We Are His Hands; They'll Know We Are Christians; Pass It On***

## Naye ggwe bw'osabanga . . .

### **OLUNAKU 9 – OTUSONYIWE AMABANJA GAFFE, NGA NAFFE BWE TUSONYIYE ABATWEWOLAKO.**

“Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoono byabwe, Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga nammwe” (Matayo 6:14).

#### **“Ssaakiwulira”**

Yali mukyala akuliridde mu myaka ate ng'abadde mukadde mu kkanisa yange okumala ebbanga ddene, naye kaakano baali bamuwadde ekitanda mu ddwaliro. Bwe namukyalirako yanjamba nti, “Tonsabira, kubanga mbuze.” Kwe kumubuuza nti, “Lwaki oyogera bw'otyo?” “Musumba, nsobezza. Nnina okwonoona kwe nnakola nga nky'ali muto.” “Wasaba Katonda okukusonyiwa?” “Wewaawo, nasabanga buli lunaku naye teyansonyiwa.” “Wakimanya otya ekyo?” Kwe kunziramumu nti, “Kale, ssaakiwulira.” Twakigaayagaayamu era oluvannyuma lw'embooji yaffe n'afuna emirembe n'essanyu bambi.

“Owulira” otya okusonyiyibwa? Owulira nga alina ebbugumu mu mubiri, oba ekintu ekinnyogoga mu mukono gwo ogwa ddyo, oba ekikunyonyogera emabega ku nsingo? Okiwunyiriza buwunyiriza?

Bayibuli ekyogera lunye nti, “Bwe twatula ebibi byaffe, Ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu” (1 Yokaana 1:9). Teyogera ku kusonyiwako bubu butono oba ekigera ekimu eky'ebibi, wabula eyogera kaati nti bwe twatula ebibi byaffe, abitusonyiwa BYONNA. Naye akakwakkulizo kali wa?: Olina kwatula. Ekisuubizo: KATonda asonyiwa. Kola ggwe ekitundu kyo, bwatyo Katonda aja kukola ekikyeye Ye.

Okusonyiyibwa si ky'ekintu ky'osobola okuwulira oba okukakasa okuyita mu magezi ga saayansi. Kikolebwa kuyita mu kukkiriza. Olina kukkiririza mu Kigambo kya Katonda wamu n'okukimanya nti Katonda taliimba. Tolina ngeri yonna gy'osobola kukinnyonyolamu kubanga tekikugwanidde, naye okimanyi nti Katonda yasubiza era ebisuubizo Bye bikakafu nnyo olw'okubanga byesigamidde ku kukula Kye na Kigambo Kye. Mpaawo kisinga Kigambo kya Katonda kubeera kikakafu.

Bw'oyatula, amangu ago obeera omaze okusonyiyibwa. Yesu yamaliriza dda okusasulira ekibi kyo ku musaalaba, kubanga Ye “Omwana gw'endiga gwa Katonda, aggyawo ebibi by'ensi!” (Yokaana 1:29). Omusaayi Gwe gumala, era okununulibwa mu bibi byo byonna kuli mu musaayi Gwe (Abafeeso 1:7).

Nga omalirizza okwatula, obeera olina okutambulira mu kukkiriza nga olondawo okukakasa nti Katonda atuukiriza kye yasubiza. “Ibulayimu n'akkiriza Katonda, ne kumubalirwa okuba obutuukirivu” (Abaluumi 4:3). Kijjukirenga nti, “Naye omutuukirivu anaabanga mulamu lwa kukkiriza” (Abaluumi 1:17). Nga bw'okkiriza, Katonda akola, era bw'otyo n'osonyiyibwa. Togezaako kukunonyola oba kukusaanira. “Kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekwava gyemuli: kye kirabo kya Katonda” (Abafeeso 2:8).

“Okuyita mu kikulwa kino ekyangu ennyo eky’okukkiriza Katonda, Omwoyo Omutukuvu akufunira obulamu obuggya mu mutima gwo. Obeer nga omwana azaalibwa mu maka ga Katonda, era akwagala nga bw’ayagala Mutabani We” (Steps to Christ, p. 52). Okusonyiyibwa, Obutuukirivu, obulokozi – byonna bifunibwa nga ebirabo okuyita mu kukkiriza.

“Oli mwonoonyi, era tosobola kwetangirira ku lwa bibi byo; tosobola kukyuusa mutima gwo n’okwefuula omutukuvu. Wabula Katonda asubiza okukukolera bio byonna ng’ayita mu Kristo. Ggwe kkiriza ekisuubizo ekyo. ... Bw’obeera okkirizza ekisuubizo ekyo ... Katonda yeteerawo obukakafu. ... Tolindirira kuwulira nga ozze buggya, wabula gamba nti; bwekiri, si lwa kubanga nkiwulira, wabula olw’okubanga Katonda akoze okusuubiza Kwe” (Steps to Christ, p. 51).

Nga otunula enkakaba ku musaalaba gwa Yesu, okuba ebirozo ku kubikkulibwa okw’amaanyi okw’okwagala: Yesu, Omutonzi, Oyo ayogera ne kibaawo, Oyo bamalayika gwebakisa amaaso gaabwe nga bali mu maaso Ge, Katonda ow’obwengula eyakka n’ayambala omubiri gw’omuntu. Ye, Omutukuvu Yekka, yetikka ebibi byo era n’akufiiririra gwe ssekinoomu. Katonda yakufiiririra.

Tunula nkalariza ku musaalaba Gwe, ojja kwetegereza nga abo abatusibbwaako ekisa nabo bakigabana buteddiza. Abantu abayita mu kusonyiyibwa, nabo basonyiwa. “Omusingi gw’okusonyiyibwa kwonna gusangibwa mu kwagala kwa Katonda okutasaanira muntu, wabula endowooza yaffe eri abalala y’eyolesa oba nga okwagala okwo tukufudde kwaffe” (Christ’s Object Lessons, p. 251)

Ka tusabire wamu.

### **Ekiseera eky’Okusaba (Eddakiika 30 - 45)**

*Ebibinja by’okusaba byonna birina engeri ez’enjawulo ez’okusabira awamu. Tubakubiriza okuwaayo eddakiika eziddako 30 – 45 mu kusaba okw’awamu okusinziira ku ngeri Omwoyo Omutukuvu gy’anaabakulemberamu. Tubakubiriza okubeera n’essaala ennyimpi ez’okunyumyaamu (mu nnyiriri ezitasukka 3), kubanga kino kiwa buli omu omwagaanya ogw’okusaba emirundi egiwerako. Tulina eby’okulabirako eby’okusabira mu Byawandiikibwa wammanga okusinziira ku mulamwa gw’olunaku. Musobola okusaba nga mweyambisa ebiwandiko ebirala wamu n’okugattamu ensonga endala mu kiseera kyammwe eky’okusaba. Mweyambise ku Ndagiro y’Omukulembeze ne Ensonga ez’Okusabira ez’Ekkansa mu Nsi Yonna okusobola okufunayo ku birowoozo.*

### **Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Matayo 6:14.**

“Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoono byabwe, Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga nammwe”

**“Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoono byabwe”**



*Ai Kitaffe, twatula gy'oli nti eky'amazima oluusi tetwagala kusonyiwa. Otuyimbule okuva mu bukaawu n'obusungu. Okyuuse emitima gyaffe era oganye ekisa Kyo okukulukutira mu ffe okutuuka eri abalala. Okyuuse abalabe baffe bafuuke mikwano gyaffe era ogatte emitima gyaffe olw'obuweereza bw'obwakabaka Bwo.*

**“Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga nammwe”**

*Webale nnyo, ai Mukama olw'ebirabo by'okwenenya n'okununulibwa bye tutagwanidde. Entakera tutakabanira okukkiriza okusonyiyibwa Kwo wamu n'okugezaako okufuna okuganja gy'Oli. Otuyigirize okwaniriza okusonyiyibwa Kwo n'essanyu, era twongereyo ekisa ekyo eri n'abalala.*

**Ebirowoozo Ebirala ku Kusaba**

**Okwebaza n'Okutendereza:** Muweeyo okwebaza olw'emikisa egy'enjawulo wamu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

**Okwatula:** Waayo eddakiika entonotono okwatula mu kyama wamu n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

**Okuluggamizibwa:** Saba Katonda akuwe amageziri ebisoomooza n'okusalawo okw'ekiseera kino.

**Ekkkanisa Yaffe:** Sabira ebyetaago by'ekkanisa ey'omu bbendobendo n'ensi yonna (tunula ku lukalala olwawule okuli eby'okusabira)

**Ensonga Zaffe ez'Okusabira:** Sabira ebyetaago ebiriwo kaakano ebya bammemba b'ekkanisa, amaka, ne baliraanwa.

**Okuwuliriza n'Okwanukula:** Waayo ekiseera okuwuliriza eddoozi lya Katonda n'okwanukula okuyita mu kutendereza oba okuyimba.

**Ebirowoozo ku Nnyimba:**

*Ekisa Ekyandokola - #239*

*Nsanyuka Okuyimba - #35*

*Ggwe Yesu Oli Wange - #51*

*Old Rugged Cross –CH#159*

**Ennyimba Endala:** *Grace That Is Greater; Behold, What Manner of Love; For God So Loved the World*

## Naye ggwe bw'osabanga . . .

### OLUNAKU 10 – TOTUTWAALA MU KUKEMEBWA.

“Katonda takemeka na bubu, era ye yennyini takema muntu yenna” (Yakobo 1:13)

#### Ddala Ekyo Katonda Akikola?

Katonda mutukuvu, era Katonda kwagala. Talina muntu yenna gw'akema, wabula twekema fekka (Yakobo 1:14, 15). N'olw'ensonga eyo wali webuuzizza kiki ddala Yesu kyeyali ategeeza bwe yayogera mu ssaala ya Mukama waffe nti, “Totutwaala mu kukemebwa”? Yesu yali tategeeza nti Katonda atukema okutuleetereza mu kwonoona era nti tulina kumwegayirira aleme kutusindiikiriza kutuuka ku ekyo.

Mukale, ekyo kitegeeza ki? Era nga kyenkana mu nnimi zonna, ebigambo bitera okubeera n'amakulu agasukka ku gamu mu Luyonaani. N'olw'ekyo olina okutunula ku kigambo kyennyini ekyasooka wamu n'amakulu gaakyo, okusobola okutegeera ekigambo ky'Oluyonaani, *eisphero* omuva “okutwala.” Olunyiriri luno lusobola okuvvuunulwa nga, “totuleka kugenda, totwabulira kusigalayo, totuganya kugenda.” Tekitegeeza “kusendasenda.”

Ekigambo eky'Oluyonaani ekyo “okukemebwa” kiri *peirasmon*. Kino kisobola okuvvuunulwa nga “okugezebwa, okugezesebwa, obuyinike,” n'ebirala. N'olw'ekyo ebigambo nti “totutwaala mu kukemebwa” bisobola okutegeeza nti, “Bambi tondekerera kubanga obw'omu nnyinza okusirittuka nengwa mu kwonoona, oba okusigala mu kwonoona kwe nnamaze edda okugwaamu” oba “Bw'ongezesa, tondeka nzekka oba okundekayo okumala ebbanga eddene ennyo kubanga ntidde okusirittuka okugwa mu kwonoona.”

Emirundi egimu Katonda akkiriza oba akuteeka mu mbeera ezimu olw'okukuyamba okutegeera omutima gwo n'omwoyo gwo bwe biyimiridde, okukuggula amaaso olabe nga bw'oli ne kye wetaaga. Bayibuli egamba nti, “tomanyi nga oli munaku ggwe era asaasirwa era omwavu era omuzibe w'amaaso era ali obwereere” (Okubikkulirwa 3:17). Bw'omanyi nti oli mulwadde, oghenda ew'omusawo, naye osobola otya okukola ku nsonga gy'otamanyi?

Bwe twetunuulira nga bwetuli, tuzuula nga bwetuli aboononefu era ne tumanya nti twetaaga Yesu. “Abantu ababeera okumpi ennyo ne Yesu baanguyirwa okulaba obulungi ennyo obugongobavu n'obwonoonefu bw'olulyo lw'omuntu, era essuubi lyabwe lyokka nga lyesigamidde ku bisaanyizo by'oyo Omulokozi eyakomererwa n'azuukira” (*The Great Controversy*, p. 471).

Katonda yagezesa kabaka Zeddekiya (2 Ebyomumirembe 32:31). Engero 17:3 wagambanti Katonda agezesa emitima gyaffe. Dawudi yasaba nti, “Onkebere, ai Mukama, onkeme” (Zabbuli 26:2). Peetero agamba nti okwokebwa okutubeeramu kujja gyetuli olw'okutukema (1 Peetero 4:12).

“Endaba ey'obwonoonefu bwaffe etukulemberamu n'etutuusa eri oyo asobola okutuddiramu; emmeeme bw'ezuula obuteeyinza bwayo, eyaayaanira Kristo, era ne yebikkula mu buyinza” (*Steps to Christ*, p. 65).

N'olw'ensonga eyo, "Omulabe waffu ow'amaanyi anoonya buli kiseera omuntu aseeseetuse okuva ku Katonda" (*Prayer*, p. 270). Akimanyi nti bwe twekutula ku Katonda, kiba kyangu okugwa mu kwonoona.

Mu kitundu ekisembayo eky'essaala ya Mukama waffe, Yesu agezaako okukkaatiriza ekyama ky'obuyinza n'obuwanguzi. Agamba nti essuubi lyaffe lyokka kwe kubeeranga mu Yesu n'okubeera ne Yesu munda mu ffe, obutatejjana, yadde okwawukana. "Kristo mu mmwe, essuubi ery'ekitiibwa" (Abakkolosaayi 1:27).

Bwe tubeera obwannamunigina, tetusobola yadde akatono bwekati okukyuuka n'okufuna omutima omuggya. Wabula ekisuubizo kirambulukufu bulungi era kikakafu nti: "Omuntu yenna bw'abeera mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya" (2 Abakkolinso 5:17).

N'olw'ekyo okola otya okulaba w'oyimiridde mu lugendo lwo olw'eby'omwoyo? Yesu agamba nti tumanyira ku bibala (Matayo 7:16). Ekibala okifuna otya? Nga bulijjo oyungibwa ku Kristo (Yokaana 15:1-5) wamu n'okujuzibwa Omwoyo Omutukuvu (Abaggalatiya 5:22, 23).

"Okubeera munnaddiini kiteeka omuntu mu kkanisa, wabula ekikula n'eneeyisa by'ebiraga oba nga omuntu alina akakwata ne Kristo akatakutuka" (*The Desire of Ages*, p. 676). Era bw'osigala mu Ye bulijjo, tolina kutegeera bw'akola; olina kumwesiga kyokka. Alokola bonna abajja gy'ali (Abaebbulaniya 7:25).

"Obukuumi bwoka eri ebubi kwe kubeerawo kwa Kristo mu mutima" (*The Desire of Ages*, p. 324).

Katonda akukowoola okusabanga awatali kuzikiza, okuyitanga Erinnya lya Mukama bulijjo, okutambulanga naye, obutayawukananga naye nga oli omanyidde ddala nti oli mu maaso Ge awamu n'okwesigamira ddala ku Ye. Ago ge maanyi go gokka. Era asuubiza nti bw'onoomusembereranga, "Naye ajja kukusembereranga" (Yakobo 4:8).

Ka tusabire wamu.

### **Ekiseera eky'Okusaba (Eddakiika 30 - 45)**

*Ebibinja by'okusaba byonna birina engeri ez'enjawulo ez'okusabira awamu. Tubakubiriza okuwaayo eddakiika eziddako 30 – 45 mu kusaba okw'awamu okusinziira ku ngeri Omwoyo Omutukuvu gy'anaabakulemberamu. Tubakubiriza okubeera n'essaala ennyimpi ez'okunyumyaamu (mu nnyiriri ezitasukka 3), kubanga kino kiwa buli omu omwagaanya ogw'okusaba emirundi egiwerako. Tulina eby'okulabirako eby'okusabira mu Byawandiikibwa wammanga okusinziira ku mulamwa gw'olunaku. Musobola okusaba nga mweyambisa ebiwandiko ebirala wamu n'okugattamu ensonga endala mu kiseera kyammwe eky'okusaba. Mweyambise ku Ndagiro y'Omukulembeze ne Ensonga ez'Okusabira ez'Ekkanisa mu Nsi Yonna okusobola okufunayo ku birowoozo.*

## **Okusabira mu Kigambo kya Katonda – Yakobo 1:13**

“Katonda takemeka na bubi, era ye yennyini takema muntu yenna”

### **“Katonda takemeka na bubi”**

*Ai Kitaffe, tukwebaza olw’okutusindikira Yesu okulemesa n’okuwangula obubi mu kifo kyaffe. Nga tuli naawe, tetuba mu kizikiza kyonna kubanga kuba kutangaala kwereere na bulungi. Tukimanyi nti wawangula dda ekibi n’okufa era nti oli mu kutukyuusa okutuzza mu kifaananyi Kyo. Tuyambe amaaso gaffe galemere ku Ggwe.*

### **“Era ye yennyini takema muntu yenna”**

*Ai Mukama, tukusaba otukuumire wala n’ebikemo ebinyinza okutwawula ku Ggwe. Otuyigirize okudduka okuva ku kuyaayaana kwaffe okw’okwerowoozaako okutusikiriza, okyuuse amaaso gaffe okugazza ku kikula Kyo ekitaliiko bbala yadde. Otuyambe okukyaawa by’okyaawa awamu n’okwagala by’oyagala.*

## **Ebirowoozo Ebirala ku Kusaba**

- Okwebaza n’Okutendereza:*** Muweeyo okwebaza olw’emikisa egy’enjawulo wamu n’okutendereza Katonda olw’obulungi Bwe.
- Okwatula:*** Waayo eddakiika entonotono okwatula mu kyama wamu n’okwebaza Katonda olw’okusonyiwa Kwe.
- Okuluggamizibwa:*** Saba Katonda akuwe amageziri ebisoomooza n’okusalawo okw’ekiseera kino.
- Ekkkanisa Yaffe:*** Sabira ebyetaago by’ekkanisa ey’omu bbandobendo n’ensi yonna (tunula ku lukalala olwawule okuli eby’okusabira)
- Ensonga Zaffe ez’Okusabira:*** Sabira ebyetaago ebiriwo kaakano ebya bammemba b’ekkanisa, amaka, ne baliraanwa.
- Okuwuliriza n’Okwanukula:*** Waayo ekiseera okuwuliriza eddoboosi lya Katonda n’okwanukula okuyita mu kutendereza oba okuyimba.

**Ebirowoozo ku Nnyimba:**

*Bwe Tuba ne Yesu - #128*

*Ompise Yesu Mukama Wange - #144*

*Day by Day – CH#532*

***Ennyimba Endala: You Are My Hiding Place; Into My Heart; Change My Heart, O God***